Obujulizi Ku Nnyanja

Nga tetunnakoteka mitwe gyaffe kusaba, nnandyagadde mbeeko Ekigambo kya Katonda kye nsoma. Bulijjo njagala nnyo okusoma Ekigambo Kye; kubanga ebigambo byange bijja kugwa butaka, bya muntu buntu, naye Ekigambo Kye tekisobola kugwa butaka. Kati eri mmwe abagoberera okuwandiika ekitundu ekiba kisomeddwa, n'ebirala eby'enjawulo, leka tusome okuva mu Matayo essuula ey'e 14, akawungeezi kano, okutandikira ku lunyiriri olwa 22.

> *Amangu ago Yesu n'awaliriza abayigirizwa okusaabala, bamukulembere okugenda emitala w'eri, amale okusiibula ebibiina.*
>
> *Bwe yamala okusiibula ebibiina, n'alinnya ku lusozi yekka okusaba: obudde bwe . . . bwawungeera, yaliyo bw'omu.*
>
> *Naye eryato lyali limaze okutuuka mu buziba, nga lyesunda n'amayengo, kubanga omuyaga gwabafuluma mu maaso.*
>
> *Awo ekiro mu kisisimuka eky'okuna Yesu n'ajja gye bali, ng'atambula ku nnyanja.*
>
> *Abayigirizwa bwe baamulaba ng'atambula ku nnyanja, ne beeraliikirira, ne bagamba nti, Dayimooni; ne beekanga nga batya.*
>
> *Amangu ago Yesu n'ayogera nabo, n'agamba nti Muddeemu omwoyo; nze nzuuno; temutya.*

2 Kaakano leka tukoteke emitwe gyaffe tusabe. Emitwe gyaffe n'emitima nga bivunnamye mu maaso ga Katonda, waliwo ekyetaago kyonna mu kizimbe, akawungeezi kano, kye mwandyagadde okutegeeza Katonda, nga muyimusa emikono gyammwe, mujjukirwe mu kusaba? Nsaba Mukama abatunuuleko, atusaasire.

3 Kitaffe ow'omu Ggulu, tujja kaakano mu Maaso Go, okuyita mu Linnya lya Mukama waffe Yesu. Nga tumanyi, era nga tulina obukakafu obw'omukisa, nti Yatusuubiza nti, bwe tusabanga "ekintu kyonna" okuyita mu Linnya Lye, nti Olikituwa. Ekyo tukyebaliza. Ebigambo tebisobola kunnyonnyola bwe tuwulira olw'ekyo, olw'obukakafu bwe tulina, nti Otuwulira mu kaseera kano kennyini.

4 Mukama, emikono egyo Ogiraba. Omanyi bye beetaaga. Ye ggwe Katonda amanyi byonna, ayinza byonna, ataliiko kkomo, era tumanyi nga Ggwe omanyi emitima gy'abantu. Wamanyi bye tulirowooza. Ne bwe twali tetunnatondebwa, Wamanya buli

kirowoozo kye twali ab'okulowooza gye bujja, kubanga Ggwe toliiko kkomo mu kumanya.

5 Era tusaba, ayi Mukama, essaawa eno yennyini, nga bwe tuyimusa ebyetaago byaffe gy'Oli, otunuleko wansi nga osinziira mu Ggulu, ayi Mukama, otwale okusaba kwaffe mu Mutima Ggwo mwennyini, ayi Mukama, era otwanukule nga obugagga Bwo bwe buli mu Kitiibwa. Otuwe ebyo emitima gyaffe bye giyaayaanira, nga twesiga nti kwe kwagala Kwo okw'Obwakatonda. Era tumanyi nga kusiima Kwo okukola okwagala Kwo.

6 Tuwe okufukibwako kw'Okubeerawo Kwo okw'amaanyi, akawungeezi kano, nate ayi Mukama. Wonya abalwadde. Lokola abaabula, lamusa abo abaafiira mu bibi n'ebyonoono, obaleete eri Obulamu obuggya, akawungeezi kano. Tusaba tulabe Yesu. Tukisabye mu Linnya Lye. Amiina.

7 Muyinza okutuula. Mutusaasire olw'obutasobola kufunira bantu wa kutuula, olw'obufunda bw'ekifo. Naye, okuviira ddala ekiro ekyasooka, bagamba bagobyenga enkuyanja y'abantu, kale mutusonyiwe olw'ekyo. Ate n'Ow'oluganda Grant tannasobola kuzimba kisenge kirala, kya, ku...nzikiriza ku ludda olw'omukono ogwa kkono gy'agenda okugaziya. Ow'oluganda omwagalwa, omwagalwa leero ambuuzizza oba nga kino nsobola okukikolanga buli mwaka, ne nkomawo mu Dallas, mu kkanisa ye. Okwanirizibwa okw'ekitalo okwenkanidde awo, mu kiseera nga kino, enzigi mwe ziggalirwa mu bwangu obutoogerekeka, naye omusajja n'ayagala nkomewo era nkikolenga buli mwaka, okukomangawo. Ekyo ddala nkisiima.

8 Nnafunye akaseera ak'okussa ekimu nabo enkya ya leero, wamu n'Ow'oluganda Gordon Lindsay n'abalala bangi ku bo. Ow'oluganda Pearry Green, eyasasulidde olukuŋŋaana olujja olw'okubeera emmanga mu Beaumont, atudde emabega wange wano akawungeezi kano. N'abalala bangi, mikwano gyaffe, Ow'oluganda Don ne mukyala we. Tuli basanyufu nnyo okuba nabo wano. Mukama abawe omukisa.

9 Kati, akawungeezi ka leero, olw'oku...Obubaka bwange mbadde ngezaako nga bwe nsobola okububuulira mu ngeri ennyangu ennyo okutegeera, kibeere nti n'omwana omuto abutegeera.

10 Enkya olw'eggulo lwe lunaaba olukuŋŋaana olw'enjiri ey'awamu, era nnandyagadde mwenna mubeewo.

11 Kati bwe mubaayo n'enkuŋŋaana mu kkanisa y'ewammwe gy'osabira, awo, si—sigala awo we—we wateekebwa. Tetwagala muntu yenna kulekayo kkanisa y'ewaabwe, ku...Ate bw'oba oli mulwadde nga wandyagadde okujja okusabirwa, naye nga ekkanisa yammwe erina olukuŋŋaana enkya olw'eggulo, yogera n'omusumba wo omutegeeze ku nsonga eyo, aleme kulowooza kintu kyonna kikyamu, omanyi. Leka akimanye

nti tuli wano okukwasaganyiza awamu, o—okuyamba Omubiri gwa Yesu Kristo gwonna awamu oguli wano mu Dallas n'okwetooloola wano.

12 Kale, enkya olw'eggulo, ndowooza, ku ssaawa nga munaana kitundu, nja kubuulira Obubaka obw'enjiri ey'awamu. Era oluvannyuma tujja kusabira abo bonna abalwadde, tukwate ne ku kkaadi ez'ab'okusabirwa n'ebintu ebirala ebizze bisigalira okuyita mu wiiki, byonna tubisabire enkya.

13 Kati eky'okuyigako kyange akawungeezi kano kyefaanaanyirizamukko nga katemba omutonotono, okumala akaseera katono. Era ŋŋenda kugezaako nnyo ddala nga bwe nsobola akawungeezi kano, okusabira abalwadde. Ekitundu kyange eky'omulamwa kigamba nti, "temutya, Nze nzuuno," nga Yesu y'ayogera. Omutwe gw'eky'okuyigako kyange gugamba nti: *Obujulizi Ku Nnyanja*.

14 Buteekwa okuba lwali lwagguloggulo awo, enjuba eteekwa okuba nga yali egolooba kino we kyabeererawo, era kati olunaku olwo luteekwa okuba lwali lwa bbugumu kyenkana nga bwe tuli munda wano.

15 Ekyuma ekireeta obuweweevu kyafudde, era bali mu kukikolako. Y'ensonga lwaki nkyusizza eky'okuyigako kyange bwe mbadde muli, kye mbadde ŋŋenda okubuulirako, nsobole okwanguwa okukimaliriza, muleme kutuula mu bbugumu lyenkanidde wano.

16 Omuvubi ono nnakinku, oluvannyuma lw'okulaba bye yalaba okuyita mu lunaku lwonna, yasiiba alaba Yesu mu buweereza Bwe obw'ekitalo.

17 Nnandyagadde okubeerawo mu biro ebyo, nange okumugoberera. Naye, omanyi, ndi musanyufu okuba nti nkyalina omukisa ogw'okukola ekintu kye kimu ekyo, eky'okumulaba nga akola ebintu eby'enjawulo. Ate kisingawo nnyo okumulaba olwa leero okusinga ne bwe kyali luli. Mmulinamu okukkiriza okusingawo kati, era nsobola okubeera n'okukkiriza okusingawo kati okusinga kwe nnandibadde nakwo mu kiseera kiri, kubanga tubadde n'emyaka enkumi bbiri nnambirira okukakasa nti Enjiri ntuufu. Era n'oluvannyuma lw'emyaka enkumi bbiri, Asigadde akyali mulamu, nga akolera ddala nga bwe Yakola luli, n'olw'ekyo tulina obukakafu obusingawo wamu n'omusingi omunywevu ogw'okukkiriza kati okusinga ku gwe baalina luli.

18 Kubanga, luli Yali Muntu buntu eyatambulatambulanga nga agamba mbu—mbu Yatumibwa okuva ewa Katonda mbu era Mwana wa Katonda, mbu era Katonda yali akakasa Ekigambo Kye ekyasuubizibwa eky'ebiro ebyo, okuyita mu Ye, era mu ngeri emu oba endala baalina ensonga okumubuusabuusa. Abaasomerera eby'eddiini, baamubuusabuusa! Era bw'okyetegereza olaba nga kyali

kyennyamiza, ddala kyali kyennyamiza, kubanga abaasomerera eby'eddiini abo Ekyo bandikikkirizza ssinga Katonda yali teyabaziba maaso. Bayibuli bw'egamba.

19 Ye mubadde mukimanyi nti Yasuubiza nti nate Aliddamu n'abaziba amaaso leero, ne balemwa okukiraba? Baliba "bakakanyavu, abeegulumiza, abaagala amasanyu okusinga Katonda, abamenya endagaano, abawaayiriza, abateefuga, abanyooma abo abakola obulungi; nga balina ekifaananyi eky'okutya Katonda, naye nga beegaana Amaanyi gaakwo." Ekisuubizo kye kimu ddala nga luli nga kiddamu nate. Ate toyinza na kukyebeera butasaasira bantu, nga amaaso gaabwe gazibibwa eri ekiseera kino. Ku Byawandiikibwa Katonda bye yasuubiza okutuukirira mu kiseera kino kyennyini, mu kaseera kano, nga tubiraba nga bigenda mu maaso. Naye abantu ne babiraba, ne banyeenya bunyeenya mitwe gyabwe ne beeyongerayo, nga bagamba nti, "Ssikiraba." Kyennyamiza, naye ate Ebyawandiikibwa birina okutuukirizibwa. Bwe kityo bwe kirina okuba.

20 Kati abayigirizwa bano Katonda ye yali yabalonda. Wali okyekkaanyizza nti, Yesu yabagamba nti, "Nga ensi tennabaawo," Yabalonda, era baali baayawulirwa okubeera ensigo ya Katonda. Y'ensonga lwaki bwe waabalukawo emitawaana, abantu ne balabika nga abafundirizza Yesu mu kattu, nga bamwokya ebibuuzo, bo tewali kibuuzo kyababuuzibwa. Baali tebabitegeera, naye baali bamaliridde obutamanya kintu kirala kyonna okuggyako Ye. "Ggwe wekka alina Ekigambo eky'Obulamu." Era baali bamaliridde okukinywererako, kubanga baali baateekerwateekerwa okubeera mu wofiisi eyo.

21 Bwe kityo bwe kiri ne leero, nti abasajja n'abakazi, abaateekerwateekerwa okufuna Obulamu Obutaggwaawo, bajja kujja eri Obulamu Obutaggwaawo. "Bonna Kitange be Yampa balijja gye Ndi." Ekyo kye Kigambo Kye, era ekyo tekisobola kugwa butaka. Ki—Kigambo kya Katonda.

22 Era kati tulaba abayigirizwa bano, abaali babadde n'olukuŋŋaana olulungi ennyo ku olwo, eri mu kibangirizi gaggadde ku luuyi lw'olusozi. Era Yesu yali yabagambye nti, "Kati mmwe munkulemberemu muwunguke, mugende emitala." Ye yali agenda kulinnya waggulu ku lusozi, okweyawula okubeerako yekka, asabe. Kati abayigirizwa bano, nga baakakola emikwano, muli nteeberezaamu bwe baawulira.

23 Kubanga, ddala okukola emikwano, ate n'oba nga olina okwawukana n'emikwano egyo; mu kaseera we mulina okumanyaganira, ate n'oba nga olina okusiibula. Era ekyo bulijjo kye kinnumizzanga omutima, nga nneetooloola eggwanga, n'okwetooloola ensi, kubaddenga kukola mikwano ate ne njawukana nagyo ne ngirekawo, nga omanyi nti waliwo

bangi ku bo b'otaliddamu kulaba okutuusa lw'olibasisinkana ku lunaku lw'Omusango. Ddala kiruma.

24 Nkubamu akafaananyi nga eryato, o—olulimi lwalyo balusindise munda mu nnyanja. Ate ateekwa okuba yali Simooni Peetero, ow'emikono eminene egy'ebinywa n'ebibegabega, eyagolomola eryato okuva ku lubalama okulyongerayo mu nnyanja. Nga bonna bwe basiibula abaali ku lukalu. Nga bambi baleekaana nti, "Mukomawo nate ne mutuleetera Omuyigiriza n'atulabako! Mukomangawo ne mukolayo olukuŋŋaana olulala; leero tuweereddwa nnyo omukisa!" Nga emikwano emipya gye baali bakoze bwe gibawuubira. Bw'atyo naye n'alinnya ne yeegatta ku bayigirizwa abalala, n'atuula wansi oba oli awo okuliraana muganda we, Andereya, n'abaka enkasi.

25 E—ebyombo mu biseera ebyo byatambuzibwanga mbuyaga manya nkasi ze baasikanga. Era oba oli awo baatuulanga babiri babiri mu lyato, babiri ku buli ludda, olwo ne ba . . . manya babiri babiri mu kifo, manyanga, oba oli awo kwaliko eŋŋango z'enkasi nga mukaaga oba munaana. Ne basikira wamu, era mu kukola batyo eryato baasobolanga okulikuumira mu kifo ku mugongo gwalyo bwe waabangawo omuyaga. Oluvannyuma, omuyaga bwe gwateekanga, ne bawanika amatanga, ne baddamu ne baseeyeeya.

26 Luteekwa okuba nga olweggulo olwo lwali lwa bbugumu, okusinziira ku Kyawandiikibwa ekiri awo nga tonnatuuka ku kino, kale luteekwa okuba nga olweggulo olwo lwali lusiriikirivu, nga lwa bbugumu okukamala, nga akasana keememula. Naye kati enjuba yali egolooba. Bwe batyo, ne bakuba enkasi, ne bagolomola ne basiibula abantu, "Tusuubira okuddamu okubalaba omulundi omulala," nga bwe baseeyeeya okweyongerayo mu nnyanja. Enjuba n'egwa, ne buwungeera, era oluvannyuma lw'akaseera e—enzikiza n'ekwata.

27 Era bateekwa okuba baakubira ddala enkasi n'a—n'amaanyi, ate ogwo si mulimu mwangu kukola okukuba enkasi ezo ennene ezikkira ddala mu nnyanja. Naye abasinga obungi ku bo baali—baali bavubi, nga basajja ba maanyi, abaamanyiira okubeera ku nnyanja. Kale nga bwe bakyasuubira Yesu okubeegattako mu lyato, mu kaseera katono ddala. Ddala, baaseeyeeya ne beeyongerayo mu buziba, era bateekwa okuba baatuuka ne bawewamukko; nga bw'osimbula eryato lyo, bw'omala n'olireka ne ligenda lyokka.

28 Oba oli awo omuto Yokaana ateekwa okuba ye yasooka okwogera, nga bwe kiri nti ye yali asingamu obuto mu kibinja kyonna. Era ateekwa okuba ye yagamba nti, "Nze ŋŋenda nkoowa. Leka tusooke tuwewemukko. Tugira tulindako, tetwetaaga kwanguwa. Ndaba tannaba kujja, kale tusobola okuwummulamu tugira tunyumirwa ku kawewo akaweweevu."

29 Era nga atudde awo akotese omutwe gwe katono, ateekwa okuba yatandika olukuŋŋaana olw'obujulizi. Era ekyo kye njagala okwogerako. Ateekwa okuba ye yasooka okusituka, n'agamba nti, "Ab'oluganda, abantu ka boogere ki, era omuntu yenna k'agaane atya okukkiriza, nze kati oluvannyuma lw'olwa leero, ndi mukakafu ddala, nti tetugoberera mufere. Ono gwe tugoberera si mulala wabula Katonda yennyini, kubanga tewali muntu ayinza kukola by'Akoze leero okuggyako nga ye Katonda. Mumanyi, bwe Yakutte obugaati buli n'abumenyaamenyamu, n'aliisa abantu enkumi ttaano wali, ekyo gyendi kye kintu ekisinga okwewuunyisa. Nnyinza okuba nga mbaddemu n'akakunkuna okutuusa leero," kati nziramu buzzi bujulizi bwe nga bwe bwali, "naye ekyo kyammazeemu akakunkuna konna."

30 N'agamba nti, "Nzijukira emyaka egy'edda. Nnabeeranga kumpi ne Yoludaani. Era nzijukira, bwe nnali nkyali muto, mmange Omuyudaaya, eyali alabika obulungi bwe yansitulanga, olw'eggulo, n'andera n'ansiisiitira, wabweru mu kisasi, nga ebimuli bimulisa ku lubalama lwa Yoludaani. Era yateranga okulengera emitala eri mu ddungu, eddungu eryo abantu baffe mwe baayita nga bajja. Yannyumizanga emboozi z'ebyaliwo ebyogerwako mu Bayibuli. Emu ku mboozi ezo enkulu gye nzijukira, y'ey'omukazi Omusunammu eyafiirwa omwana we, naye—naye nnabbi omwana oyo n'amuzuukiza nate okuva mu bafu. Emboozi eyo yannyumiranga nnyo.

31 "Naye emu ku mboozi ezannyumiranga ennyo, maama ze yannyumizanga, yaŋŋamba nti, 'Kati, Yokaana, okyali mwana muto; naye njagala ojjukire, nga bwe weeyongera okukula, nti, Yakuwa ow'amaanyi yajja abantu baffe e Misiri, era twayita mu ddungu eryo emitala w'omugga guli. Era okumala emyaka amakumi ana, baatambulira mu ddungu eryo, omutaali kifo kyonna we bayinza kufuna bya kwambala, wadde ekifo we bayinza okufuna eky'okulya. Era Katonda yatonnyesanga emmere okuva mu ggulu, buli kiro, n'aliisa abantu baffe nga bali mu ddungu eryo, kubanga baali mu buvunaanyizibwa bwabwe obw'okuweereza, nga bagoberera Yakuwa ow'amaanyi. Era kati, lumu, Yakuwa alyambala omubiri wano ku nsi, mu nkula ey'Omuntu, Aliyitibwa Oyo eyafukibwako amafuta, Masiya.'

32 "Era nzijukira," n'agenda mu maaso n'agamba nti, "bwe nnali nkyali muto, muli nneewuunyanga mu ndowooza yange ey'ekito, nga muli ngezaako okufumiitiriza nti, 'Ddala Katonda yaliisa atya abantu abo bonna, obukadde obubiri n'ekitundu, mu ddungu eryo? Yafunanga atya emmere eyo yonna?' Era nnabuuzanga maama nti, 'Maama, Ya, Yakuwa waggulu eyo mu bwengula a—alinayo ga wooveni aganene, mwe Yafumbiranga emigaati egyo gyonna, bwe yamalanga n'adduka n'akka wansi ekiro n'agiteeka ku—ku ttaka, abantu we baagisanganga, ky'ogamba obwengula bwa Yakuwa obwo

obunene bujjuddemu zi wooveni?' Maama yanzirangamu nti, 'Nedda, mutabani, oli muto okukitegeera. Labayo, Yakuwa Mutonzi. Teyetaaga zi wooveni. Ayogera bwogezi, era Ekigambo Kye kirabisibwa bw'Ayogera. Ye Yakuwa ow'amaanyi, era emmere eyo Yagyogeranga bwogezi. Bamalayika ne bakka ne bagisaasaanya wansi ku ttaka, ne bagigabira abantu.'

33 "Kati olwa leero, bwe nnamulabye nga ayimiridde awo, mmwe amaaso Ge mwageetegerezza? Tewaabaddewo kubuusabuusa kwonna mu birowoozo Bye. Nnalinnye waggulu ku lwazi olwabadde awo, ne mmwetegereza bwe Yatodde omugaati ogwo n'agumenyamu, n'aguwa . . . abaweereza Be, ffe, okugugabira abantu. Kati bwe Yatoddeeyo omulundi omulala okumenyamenya nate, omugaati gwabadde guzzeewo nga mulamba nga bwe gwabadde. Era ekyo Yakikoze emirundi egiwerera ddala, okutuusa buli omu bwe yakkusse, ne wabaawo n'ebisero, ebijjuvu, bye baakuŋŋaanyizza. Nkakasa oyo tayinza kuba kirala kyonna okuggyako Yakuwa yennyini, kubanga Yakoledde ddala nga Yakuwa bwe yakola. Yakuwa yekka y'asobola okutonda. Era nkakasa oyo Omusajja si mufere. Waliwo Omutonzi omu yekka, era oyo ye Yakuwa. Era kati, mu byonna bye ndabye, ekyo kyammazeemu akakunkuna.

34 "Njagala mukitegeere kati nti omutima gwange gwewereddeyo ddala mu bujjuvu, era nzikiririza ddala mu bujjuvu nti Omusajja oyo si nnabbi kyokka. Omusajja oyo nnabbi, naye ate Asingawo ku kubeera nnabbi. Omusajja oyo si mulala wabula ye Yakuwa Katonda yennyini mu makkati gaffe, kubanga Yatonze emigaati, era Yabadde n'enneeyisa za Yakuwa. Ky'ova olaba Yasobola n'okugamba nti, 'Bwe ssikola mirimu gya Kitange, temunzikiriza; naye bwe Nkola emirimu gya Kitange, era ne mutanzikiriza, kale mukkirize emirimu, kubanga gye gitegeeza Ebyange era gye giraga Ekyo kye Ndi.' Ekyo kiringa abantu kye bandirabye, amangu."

35 Bw'atyo Yokaana yaggwamu akakunkuna n'akakasa nti Ye Masiya, Oyo Isaaya gwe yayogerako nti, "Omwana ow'obulenzi atuzaaliddwa ffe, n'Erinnya Lye aliyitibwa Ateesa ebigambo, Omulangira ow'Emirembe, Katonda ow'Amaanyi, Kitaffe Ataggwaawo." Bw'atyo Yokaana yaggwamu akakunkuna olw'ekyo kye yali alabye. Omuvubuka omuto nga awa obujulizi bwe.

36 Mu kaseera ako, Simooni Peetero n'agamba nti, "Naye, kati, musooke muleke. Bwe tuba ba kuba na lukuŋŋaana lwa kuwa bujulizi, nange nnandyagadde okubaako ne kye njogera. Omanyi, ekintu kyonna nnakyeekengeramukko, Andereya muganda wange, eyagenda mu lukuŋŋaana lwa nnabbi Yokaana, eyategeeza nti Masiya yali ajja nti era ye w'okumwanjula. Era ebigambo bya Andereya bye yaŋŋamba nnabyekengeramukko, kubanga mpulidde emboozi eza buli ngeri ezikwata ku Masiya n'ebintu eby'enjawulo.

37 “Naye mmwe mwenna ab’oluganda kitange mumujjukira. Yali ayitibwa Yona. Era mujjukira, nga bwe yali omukkiriza omukuukuutivu ddala. Nzijukira mmange ne kitange, naffe ffenna, okuvuba ebyennyanja gwe gwali omulimu gwaffe, naye twavubanga ne tutakwasa kyannyanja kyonna; nga ate twetaaga emmere, era nzijukira bwe twafukamiranga wansi ne tusaba Katonda nti, ‘Leero tuyambe tukwase, ayi Katonda, tusobole okutunda ebyennyanja byaffe, tusasule amabanja gaffe, tusobole n’okufuna eky’okulya.’ Era nzijukira bwe twasaabalanga ku nnyanja, mu muyaga, ne twe—ne tweŋŋanga emiyaga egyo.

38 “Era kitange, ndaba envi ze nga zigwa ku mugongo, lumu bwe yali atudde ku mugo gw’eryato yayogera nange, n’aŋŋamba nti, ‘Simooni, ggwe mutabani wange omukulu. Omanyi, bulijjo mbaddenga nzikiriza, Simooni, nti ndiraba ku Masiya. Abantu baffe bamulindiridde okuviira ddala mu Adeni. Era tukakasa nti wa kujja, ne bwe kitwala bbanga ki. Oyinza okuŋŋamba nti, naye kati waakayitawo emyaka enkumi nnya. Naye era nzikiriza nti Masiya alijja. Era buli Muyudaaya yenna azzenga akkiriza nti wa kulaba Masiya mu mulembe gwe. Nange nsuubira okumulaba mu mulembe gwange. Naye ndabika, kati ŋŋenda nkaddiwa, eby’okujja ku nnyanja nnina okubyesonyiwa, ntandise n’okulumizibwa mu mubiri, kale nnyinza obutamulaba mu kiseera kyange. Naye oba oli awo ggwe olimulaba, mutabani.

39 “‘Era njagala nkutendeke mu Byawandiikibwa. Mutabani, Masiya bw’aliba tannalabika, walibaawo ebintu ebya buli ngeri ebiriba bigenda mu maaso, ebintu eby’obulimba ebya buli ngeri, kubanga ekyo Ssetaani alikikola, okuttattana erinnya lya Masiya yennyini bw’Alijja.’” Bulijjo kibaddenga bwe kityo; era bwe kikyali.

40 Era kati tukiraba, n’agamba nti, “Nzijukira yanneetoolooza omukono gwe, n’aŋŋamba nti, ‘Mutabani, waliwo engeri emu yokka gy’olisobola okutegeeramu Masiya oyo. Kati tumaze ebikumi n’ebikumi by’emyaka nga tetulina nnabbi yenna. Malaki ye nnabbi gwe twasemba okuba naye. Egyo emyaka ebikumi bina egyakayitawo, nga tetulina nnabbi yenna. Naye jjukira nti, Musa yatugamba, mu Byawandiikibwa, nti, Masiya bw’alijja, aliba nnabbi, bw’Alirabika. Ffe Abayudaaya tuyigirizibwa okukkiriza nnabbi. Era olugendo lwa Masiya olumuleeta ku nsi Kigambo kya Katonda ekyogere, kye Yatusuubiza. Era Ekigambo bulijjo kijja eri nnabbi, era nnabbi n’akakasa Ekigambo ekyo. Ekyo tokyerabiranga, mutabani! Wayinza okubaawo ebintu eby’amaanyi ebigolokoka, wayinza okubaawo emigendo egy’ekitalo egy’okujjumbira ne—n’ebintu eby’amaanyi. Naye jjukira nti, Masiya aliba nnabbi, kubanga tumanyi nti Katonda takyusa nkola Ye, era Yagamba nti Masiya aliba nnabbi. N’olwekyo jjukira, mutabani nti, bannabbi beebo abalina Ekigambo kya Mukama. Kale ne Masiya bw’alijja, aliba nnabbi.’

41 “Nkyasobola n’okuwulira omukono gwe,” nga Simooni bw’agamba nti, “nga agunneetooloozza. Ne Andereya yali ayimiridde awo nga ayoza katimba, mu kaseera ako. Andereya, okijjukira?”

“Weewaawo, Simooni, nki—nkijjukira.”

42 “Kati Andereya yagezaako okumbuulira nga Yokaana ono bwe yali nnabbi. Nnalina ebintu ebirala eby’okukola, nnalina okutunda ebyennyanja n’ebintu ebirala eby’okukola. Kale wayiseewo emyaka egiwerako kasookedde taata afa, naye ekyo nnakikuumira mu birowoozo byange; nti taata yagamba nti, ‘Masiya ono alibeera nnabbi akakasiddwa mu Byawandiikibwa, era tokyerabiranga, kubanga Kigambo kya Katonda ekyogere. Era Ekigambo ekyo bulijjo kizzenga eri bannabbi; abakyolesezzanga, oba aboolesezzanga ekyabanga kyasuubizibwa eri omulembe.’”

43 Kale kati Simooni n’agamba nti, “Lumu,” yagamba, yagamba nti, “omanyi, Andereya yampita ŋŋendeko mu lukuŋŋaana. Bwentyo ne ŋŋendayo mu lukuŋŋaana Omusajja ono, Yesu, gye yali. Ate nnali mpulidde ebigambo ebya buli ngeri ebyali biyitiŋŋana. Waaliwo Yesu eyaliwo, nga Ono tannajja, eyasuubiza okuba omuntu ow’ekitalo, n’akulembera abantu ebikumi bina n’abatwala bonna ne bazikirira, n’ebirala ebyaddirira. Kale nnalowooza nti oba oli awo n’ono y’omu ku abo, abajjanga n’ebbugumu ery’amaanyi ery’okudda obuggya, oba ekibiina eky’amaanyi kye bagenda okukola. Naye lumu nnalowoozaamu okugenda ne Andereya ono wano, muganda wange.”

44 Kati nkubamu akafaananyi, mu kaseera ako, eryato ne litandika okuyuuga. Ne wabaawo aleekaana, n’agamba nti, “Tuula wansi! Toyuuza lyato. Lindako katono. Tuula okkalire.”

45 Awo n’agenda mu maaso n’agamba nti, “Omanyi, bwe nnaserengetayo ne ngasimbagana naye, omulundi ogwasooka, Yanneekaliriza mu mmunye n’ambuulira erinnya lyange. Yali tandabangako. Teyakoma ku kummanya bumanya kyokka, wabula Yali amanyi ne kitange omukadde anzaala eyali atya Katonda, eyali yannuŋŋamya mu Byawandiikibwa. Era nnategeererawo nti Oyo ye Masiya. Ekyo kyammala, awo wennyini. Ekyo kyali. Ekyo kye kyammalamu akakunkuna, nze.”

46 Firipo ateekwa okuba yabuuza nti, “Nsobola okubaako ne kye njogera wano?” Kati n’agamba nti, “Ow’oluganda Nassanayiri, kino tekikuyisa bubi; kubanga, okimanyi nga twasomanga emizingo okumala emyaka n’emyaka, nga twagala okumanya Masiya bw’aliba. Naye nze olwamulaba nga akola ekyo, nnaddukirawo misinde ne ŋŋenda mpita mukwano gwange ono wano, Nassanayiri. Era bwe yajja . . . ”

Nassanayiri n'agamba nti, "Leka nze mba nkinyumya. Leka nze mba nkinyumya."

47 Ha, omanyi, Yesu bw'abaako ne ky'akukoledde wabaawo ekintu eky'enjawulo, o—obeera owulira tosobola kutuula n'okkalira, obeera oyagala ggwe aba akyogerako, ggwe kennyini. Si bwe kiri? Bwe kiba kintu ekya nnamaddala, obeera oyagala ggwe aba akyogera. Bwe Yanzijuza Omwoyo Omutukuvu, nnali njagala nkibuulire buli omu. Nnali njagala buli omu akimanye. Nnali ssaagala muntu mulala yenna kukinyumya; nga njagala nze mba nkinyumya, nze kennyini.

48 Era muli nkubamu akafaananyi, nga Nassanayiri yenna yasiikulwa munda muli n'agamba nti, "Omanyi, njagala nze mba nkyogera. Nnakwekengeramukko, Firipo, bwe waŋŋamba. Ne nkubuuza nti, 'Waliwo ekintu ekirungi ekiyinza okuva e Nazaaleesi?' Era wampa okwanukulwa okusingirayo ddala omuntu yenna kwe yali aweereddwa nti, 'Jangu olabe.'" Okwanukulwa okwo leero kukola bulungi. Bwe kiri. Tosigala busigazi waka n'omala gavumirira. Jangu, ggwe kennyini weekakasize, olaba. "Nnamubuuza nti, 'Waliwo ekintu ekirungi ekiyinza okuva e Nazaaleesi? N'aŋŋamba nti, 'Jangu weerabireko n'amaaso go.' Era omanyi kye wali oŋŋambye.

49 "Era bwe nnatuuka mu Maaso Ge, n'Aŋŋamba nti ndi 'mu—Muyudaaya, Muyisiraeri, era ndi musajja mwesimbu,' ekyo nnali nkimanyi.

50 "Naye muli nneebuuza nti, 'Kisoboka kitya?' Yali alabika nga omuntu owa bulijjo. Masiya nnali mmusuubira okukkira mu ngeri ey'ekitiibwa okuva mu Ggulu, atuukire ku kitebe ky'eddiini wano, e Yerusaalemi, yeesowoleyo agambe nti, 'Kayaafa, Ntuuse.' Naye kyazuulibwa, nga Yava Nazaaleesi, mu maka amaavu; eky'amazima Yalina n'erinnya ebbi, nga bamuyita 'mwana mweboolereze.' Wuuno Ali wano, ayambadde engoye eza bulijjo, tayambadde nga kabona oba omuntu ow'enjawulo; naye ayambadde nga muntu wa bulijjo. Kale muli nnebuuza, bwe nnatuukawo nti, 'Oyo ayinza atya okuba nga ye Masiya? Olugoye lwe lumu, lwe Yayambala okuva nga Akyali muto, wuuno lw'akyayambadde na buli kati; nga n'enviiri Ze zonna zigwa eno ku mugongo Gwe. Nga alinga omuntu omulala yenna owa bulijjo atambula ku luguudo.'

51 "Naye Yantunuulira mu maaso, n'aŋŋamba nti, 'Firipo bwe yabadde tannakuyita, bwe wabadde wansi w'omuti, Nnakulabye.' Ekyo nze ky'ekyammalamu akakunkuna. Nnategeererawo awo, okuyita mu Kigambo, nti oyo ye Masiya. Ye yali Ye."

52 Era eryato liteekwa okuba lyagenda lyesukunda, nga olukuŋŋaana lw'obujulizi bwe lugenda mu maaso. O, nga kyali kiseera kiyitirivu nnyo kye baalina, eyo ku nnyanja, nga balina akaseera akalungi.

53 Andereya n'agamba nti, "Njagala okubaako ne kye njogera ekyambobbya omutwe okumala akaseera. Mujjukira lwe twali—tugenda e Yeriko? Yagamba nti, 'Tulina okwambuka engulu; Kiŋŋwanidde okugenda e Samaliya.' Bw'atyo, n'Ayambuka e Samaliya n'agenda eyo mu kibuga kye bayita Sukali, ffe bwe Yatutuma tugende tugule emmere mu kibuga."

54 "O, weewaawo, ekyo nkijjukira, bulungi nnyo!" Bonna ne baddamu nti, "Weewaawo, weewaawo!" Nga eno eryato bwe lyesuukunda, nga buli omu alina akaseera akalungi ddala ak'obujulizi oluvannyuma lw'olukuŋŋaana. Kale baali balina olukuŋŋaana luno olw'obujulizi.

55 Kati n'agenda mu maaso okunyumya n'agamba nti, "Weewaawo, era mujjukira bwe twebbirira nga tukomyewo, era, ekyatwewuunyisa, Mukama waffe twamulaba ayogera na mukazi amanyiddwa nga malaaya. 'Uh-huh,' muli ne tugamba nti, 'ekyo nno si kirungi. Ne tumulengera nga ali eri ayogera n'omukazi ono omuto. Kyokka nga ffe yatusindise tuveewo, ate Wuuno wano n'omukazi ono omwonoonefu atudde wano.' Nzijukira, twali tuyimiridde mabega awo mu bisiko, nga tuwuliriza bye baali banyumya.

56 "Ne tumuwulira nga agamba omukazi nti, 'Nnyabo, genda onone balo mujje wano.'

57 "Ne tugamba nti, 'Naye nno, twandiba nga tubadde bakyamu, omukazi yandiba nga ddala yafumbirwa mu mateeka.'

58 "Omukazi n'amutunuulira mu maaso, n'amugamba nti, 'Ssebo, ssirina baze.'

59 "Mujjukira emitima gyaffe bwe gyatutyemuka? 'Masiya waffe ow'ekitalo gwe tubadde tulinamu obwesige, wuuno akwatiddwa mu bulimba, kati bimukalidde ku matama, kubanga Agambye nti, "genda onone balo," naye omukazi n'amukakasa nti talina bba. Kati bimudidde.' Mujjukira ffenna bwe twatangaalirira, ne tulemwa n'okussa?"

"Weewaawo, nkijjukira."

60 "Naye mujjukira ebigambo ebyaddirira? Yamugamba nti, 'Ago oyogedde mazima, kubanga waakabeera na bataano, era ne gw'oli naye kati naye si wuwo.' Ha, mujjukira olukuŋŋaana lw'obujulizi mu kasiko eri? Bannange!" Olaba, tosobola kumussa mu kattu. Ye Katonda. "Ha," Simooni n'agamba nti, "ekyo. . . " Andereya n'agamba nti, "Nze ekyo kyammalamu akakunkuna konna."

61 Battolomaayo n'agamba nti, "Mulindeeko, nange nnandyagadde okubaako obujulizi bwe mpa. Nsobola okukikola, ab'oluganda?"

62 "O, weewaawo, ndowooza osobola, tulina obudde obumala. Tannaba kujja, ka tugira tukolayo enkasi nga ziizo. Genda mu maaso, Battolomaayo, wa obujulizi bwo."

63 "Kati, nze ekimu ku bintu eby'amaanyi gyendi, mujjukira mwannyinaffe emmanga mu Yeriko, eyali ayitibwa Lebbeeka?"

"Weewaawo."

"Bba eyalina wooteeri gye yali addukanya."

"Uh-huh."

64 "Yali—yali na musajja musuubuzi, nga bamuyita Zaakayo."

"Weewaawo, weewaawo, mmujjukira bulungi."

65 "Mujjukira nti, yali—yali omu ku bannyinaffe. Yali yakkiriza Mukama waffe, naye nga atya nti Zaakayo byonna ayinza obutabifaako n'akomekkereza nga takkirizza Yesu. Ate, ha, Zaakayo yali mukwano nnyo ddala wa kabona mu kitundu ekyo. Kati bambi yali asaba wabeewo ekibaawo amaaso ga bba gasobole okuzibuka, asobole okukitegeera nti ono ye Muyigiriza, ono ye Kigambo kya Katonda ekikakasiddwa, ekirabisiddwa mu makkati gaffe. Era twagezaako okumubuulira . . . okubuulira omwami nga Yesu ow'e Nazaaleesi bwe yali amanyi ebyama by'omu mitima, ekiraga nti Ye yali Kigambo, kubanga Ekigambo kyawula ebirowoozo by'omu mutima.

66 "'Ebyo temuli makulu,' bwe yatwanukula nti, 'Nze kabona gwe nzikiriza. Kabona ky'agamba kimmala.' Kubanga yalina obwa mmemba mu—mu bibiina byonna eby'omu kibuga, nga ekya bannaggagga ba Kiwanis n'ebirala byonna, nga bwe mumanyi, kale ya . . . kyali kizibu gy'ali okumala gabireka. Kale Lebbeeka yatusaba ffenna okusaba—okusaba. Naye buli mulundi lwe twayogeranga ku ky'okuba nti Yali nnabbi, nga agamba nti, 'Ebyo temuli makulu! Kabona yagamba nti, "Oyo Beeruzebuli. Oyo ssetaani. Ebyo Abikola ku bwa maanyi ga ssetaani. Era Asoma busomi birowoozo bya bantu. Kye kyokka. Tebiriimu kya magezi kiri awo." N'olwekyo tewaliiwo kintu nga ekyo mu mulembe guno; tetubadde na nnabbi okumala ebikumi n'ebikumi by'emyaka. Kati oyo Omusajja, atalina na kkaadi eraga gy'akuŋŋaanira, ayinza atya okuba nnabbi? Eh, tewali ngeri gy'Ayinza kuba kintu nga ekyo!'

67 "Naye, mumanyi, Lebbeeka yasigala akyakkiriza, mukyala we, nga asaba. Era lumu ku makya Yesu bwe yali ajja mu kibuga, kati, tukiraba nti, Lebbeeka yatugamba nti Zaakayo yali agenze ku—ku luguudo, kumulaba. Kati yali takkiriza nti Yali nnabbi, naye yagamba nti, 'Njagala mmwekkaanye bulungi,' nga bwe yabitunyumirizza bwe twabadde ku wooteeri eggulo nga tulya. Bw'atyo yalinnya omusikamooli, n'agamba nti, 'Omanyi kye ŋŋenda okukola, ŋŋenda kwekweka waggulu eno Aleme kundaba. Ndaba, ndi mutono, ate ndi mumpi. Ate eri wansi sisobola kumulaba, mu nkuyanja y'abantu, kale nja kulinnya waggulu mu muti.' N'atuuka amatabi abiri—abiri we gaawukanira, n'atuula awo, ku matabi ago."

68 Ekyo kifo kirungi ddala okutuulamu ne wekkaanya bulungi ensonga. Weewo amakubo abiri we gasisinkanira, eriryo n'erya Katonda; endowooza zo. Ekyo kintu kirungi, okulowoozaako.

69 "Kale yagamba nti, 'Naye omanyi, Ateekwa okuba nga nnabbi. Yandiba nnabbi. Kisoboka okuba nga nze mukyamu. Kati omanyi kye ŋŋenda okukola, ŋŋenda kumwekkaanya bulungi; naye Ye tajja kundaba. Kale ŋŋenda kukwata ebikoola bino byonna mbisike bidde eno bwe biti, mbyezingirire, nneekweke muli Abeere nga tasobola kundaba yadde. Olwo nze mwekkaanye nga bw'Ayitawo. Naye bw'Anaasangibwa nga tafaanana kuba muntu mutuufu, nja kumulaga essomo, nga ntudde wano mu muti guno.' Bw'atyo ne yekkaanya, yalinawo awo ekikoola ky'asobola okuwenjula Amulabe bw'Anaaba azze okuyitawo.

70 "Kati bwe Yajja, n'atuuka mu kkoona, nga bw'aserengeta mu luguudo, nga bwe mumanyi, nga bw'atunula erudda n'erudda, nga abayigirizwa bwe bagamba nti, 'Mudde ku mabbali. Bambi mutunsonyiwe.' Nga abantu balina abaana abalwadde n'abalina ebintu ebitali bimu. 'Bambi mutusonyiwe, naye Omuyigiriza yakooye nnyo; okuva mu lukuŋŋaana lw'ekiro kya jjo.' Nga, bwe boogera mu buwombeefu nti, 'Bambi tubasaba mudde ku mabbali Ayitewo, nga bwe Yeeyongerayo mu kibuga, bambi tubasaba mudde ku mabbali?' Nga Zaakayo atudde wano waggulu mu muti, amulengera.

71 "Yesu n'ajja butereevu wansi w'omuti, n'ayimirira, n'atunula waggulu n'agamba nti, 'Zaakayo, kka wansi vvaayo waggulu eyo. Leero ŋŋenda naawe eka, gye nnaalya eky'eggulo.' Nze ekyo kye kyammalamu akakunkuna. Yakimanya nti yali waggulu eyo, nga amanyi n'erinnya lye, ne ky'ali. Ekyo kyammalamu akakunkuna. Ku lwange, oyo ye Masiya. Yee, ssebo. Kubanga, tumanyi nti Masiya ekyo kye yalina okukola. Mazima ddala. Kale Yalina okuddayo naye eka, nga bwe yagamba, olunaku olwo okulya eky'eggulo. Ekyo nga kyali kiseera kiyitirivu nnyo! Tukijjukira."

72 Mumanyi, kiteekwa okuba nga kyali mu kaseera ako, nga olukuŋŋaana lw'obujulizi lugenda mu maaso. Omanyi, nga abayigirizwa bano bali eyo mu buziba ku nnyanja, bawaŋŋana obujulizi, kiteekwa okuba kyali mu kaseera eyo mu ttumbi, nga bali eyo mu bitundu eby'amambuka, nga mu kaseera ako Ssetaani we yayambukira waggulu ku kasozi n'alengera wansi. Yalengera ebyali bigenda mu maaso mu lukuŋŋaana lw'obujulizi olwo, n'akizuula nga baali tebayise naye. Awo ke kaali akakisa ke.

73 Mulaba, ndowooza ekyo ekyaliwo kyenkana kizzeemu ne kibaawo, kizzeemu okubaawo. Baali, mu bbugumu ery'okudda obuggya kwe baalimu, baali bagenze nga bamulese emabega. Era nzikiriza nti ekyo emirundi mingi kye kitubaddeko mu

nnaku zino, okuba nti, mu kaseera kano ak'okutabulwatabulwa, n'oluvannyuma lw'okudda obuggya kuno okw'amaanyi kwe tulabye. Okubunye ensi yonna. Buli ggwanga likoleezeddwamu omuliro gw'okudda obuggya, ne gwaka; enkuŋŋaana ez'amaanyi ez'okuwonyezebwa; abantu ne bafuna Omwoyo Omutukuvu, mu mitwalo na mitwalo emirundi nkumi na nkumi. Naye mu bbugumu lyakwo, nga abayigirizwa bali bwe baali nga bawa obujulizi ku ebyo by'Akoze nti, "era, ha, tumulabye nga Akola *kino*, tumulabye nga Akola *kiri*," nzikiriza naffe tusimbudde nga bwe baakola, nga tetuli naye.

74 Tutwaliriziddwa bintu eby'amaanyi e—ebivudde mu kudda obuggya. Tupadde na mikisa gya kukola ssente mpitirivu, amakanisa, okuzimba ebizimbe eby'amaanyi, ebifo eby'amaanyi eby'obukadde n'obukadde bwa ddoola, amasomero ag'amaanyi, enkola ez'eby'enjigiriza, n'okutumbula amadiini gaffe. Nga kw'ogasse n'enteekateeka zaffe eziwagira obwannaakalyak'ani, n'eziwakanya obwannaakalyak'ani, bye byokka bye tusobola okwogerako leero. Era tugenze okwejjuukiriza tuti, nga Ssetaani atulengedde mu kuyitimuka mu nteekateeka zaffe eziwakanya obwannaakalyak'ani, ne mu nteekateeka zaffe ez'okuba n'eddiini ennene, ne mu kwagala okufunayo "akakadde k'abantu akalala," n'ebirala byonna, bye balina.

75 Era tupadde ne tweyongera mu maaso awatali kukomezebwawo kwa nkuŋŋaana ez'enkola enkadde ez'okusaba awamu n'okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu, okutuusa omuliro lwe gukendedde. Osobola okukaaba ne weekamula, nga ogezaako okukowoola abantu bajje ku wolutaali, naye ne batambula ne bajja nga abaafuddeko ekitundu, nga beewalula bwewaluzi okujja. Bw'ova awo n'osaba abaweereza okujja basabe nabo ne bagamba nti, "Bannaaye, ampitidde ki?" Ne bajja, naye nga era kubawaliriza buwaliriza. Ne bayimirirako awo okumala eddakiika nga ziizo, ne basitula emitwe ne bakutunulako, ne baddayo ne beetuulira mu bifo byabwe. Nze nga bwe ndaba, omuliro gwazikira! Waliwo ekyabaawo. Muwulirize! Kye twetaaga kwe kudda obuggya, aboonoonyi, we banaatunuulira Kristo, ne beenenya, ne badduka ne bajja ku wolutaali nga bawanise emikono gyabwe, nga balaajana okusaasirwa, nga ekkanisa yonna eri ku muliro, n'ekitiibwa kya Katonda.

76 Olw'obunyiikivu bwaffe obw'okwagala okuzimba amadiini gaffe, tuzimbye amatendekero amanene agasinga ku ge tubadde nago okusobola okutendeka abaweereza baffe, ne tubasindiikiriza wala okuva ku Katonda okusinga ne bwe baali okusooka. Katonda tategeerwa kuyita mu buyigirize. Tategeerwa kuyita mu kusomerera bya ddiini. Katonda ategeerwa kuyita mu kukkiriza. Katonda tosobola kumunnyonnyola. Tannyonnyolekeka.

77 Mulabe ebivuddemu, ffe Abapentekoote abaali bannapentekoote. Abakazi baffe enviiri zaabwe bazisazeeko, kati bakozesa n'eby'okwewunda. Abasajja baffe bakikkirizza kikolebwe. Abaweereza baffe bakikkirizza kikolebwe. Batya okukyogerako. Ekkanisa ejja kubakasuka ebweru ssinga bakikola. Zitusanze, bwe tuba tetwetaaga kulongoosebwa, okuva ku kituuti okutuukira ddala emabega awasemba. Kya nsonyi. Kuweebuuka.

78 Waliwo omusajja omu eyajja gyendi, gye buvuddeko, n'aŋŋamba nti, "Ow'oluganda Branham, abantu bakwagala." Naye n'agamba nti, "Buli kaseera obeera obakaayuukira, okaayuukira abakazi, olw'okuba n'enviiri ensale n'ebintu eby'engeri eyo."

Ne mmugamba nti, "Bayibuli egamba kya nsonyi omukazi okuba nazo."

79 Bw'akikola atyoboola ekitiibwa kya bba. Era kabonero kennyini ak'enkukunala akalaga nti ovudde ku Katonda. Mujjukire, mu ky'okulabirako kya Samusooni, enviiri empanvu kaali kabonero ak'Obuwonge akaali kalaga nti ayawukanye n'ensi, n'ajja eri Ekigambo kya Katonda. Kati bwe musalako enviiri zammwe, mmwe abakazi, mubeera musambazze akabonero ak'okuba Abawonge. Mugenze mu Hollywood mu kifo ky'okuddayo ku Bayibuli. Bayibuli egamba nti, "Tebamwebwanga." Mukiraba, kya nsonyi, naye abaweereza tebakyogerako yadde.

80 Omusajja ono yambuuza nti, "Naye lwaki abakazi tobeesonyiwa?" N'agamba nti, "Bakutwala okuba nti oli nnabbi."

Ne mmugamba nti, "Nze ssigambangako nti ndi nnabbi."

81 N'aŋŋamba nti, "Bo bwe batyo bwe bakulaba. Bayigirize engeri y'okufunamu ebirabo eby'omwoyo n'okubaako ne kye bakola. Osaanidde kuba nga obayigiriza bintu ebinene, ebintu eby'amaanyi."

82 Ne mmubuuza nti, "Nnyinza ntya okubayigiriza ekibalo ekikalubo nga n'ennyukuta ezisookerwako eza ABC zibalemye okuyiga, ez'okuyiga okweyisa mu ngeri eweesa ekitiibwa? Onaakikola otya? Ddala, olina kukka wansi ku kintu ekisookerwako."

83 Mwaka ku mwaka, ntalaaga eggwanga lyonna, naye nga kyongera kuba kibi buli kiseera. Waliwo ekitali kituufu awantu awamu, Ekigambo si kye kiriko obuzibu. Kye tuva tetusobola kuba na muliro gwa kudda buggya nga gubugujja. Twetaaga ekiseera eky'okulongoosebwa. Katonda ekyo talikikola okutuusa nga tukomyewo nate. Twetaaga ekiseera eky'okulongoosebwa.

84 Naawe omusajja, n'okkiriza mukazi wo okukola ekintu bwe kityo, n'ayambala empale ennyimpi! Abo si Bamesodisiti, oba Babaputisiti. Abo Bapentekoote, ddala bwe kiri, "ekifaananyi eky'okutya Katonda, Mulembe gwa Kkanisa ya Lawodiikiya, baakibuguumirize" balina linnya bunnya lya kuba Bapentekoote, kye kyokka. Obupentekoote si linnya, wabula bumanyirivu bwa kubatizibwa kwa Mwoyo Mutukuvu, alongoosa abantu. Kye tuva tetusobola kuba na nkuŋŋaana za maanyi ez'okuwonyezebwa n'ebintu ebirala, waliwo ekitali kifuufu awantu awamu. Oyo Ssetaani, yatulaba nga tugezaako oku . . .

85 "Omanyi, bwe tunaakyogerako, bajja kuva mu kkanisa bagende mu ndala."

86 Mujjukire nti, Abakristaayo tebababawembejja buwembejja. Abakristaayo babeera bamalirivu. Babeera basajja n'abakazi ba Katonda, abayimirira ku lwa Katonda, ka kibe kiki kyonna omuntu omulala yenna ky'agamba. Tewetaaga kubeegayirira na kubasendasenda, na kubakuba buwoowo na kubawembejja. Ebyo biba bimera bye basimba mu bibya, ebimera ebitali nnakabala, tebiriimu kalungi konna, tebirivaamu kantu konna.

87 Kinzijukiza, nga . . . Ekiseera ky'ebinyonyi okubiika n'okwalula kinaatera okutuuka. Leero waliwo obunyonyi bwe nneetegerezza, erudda wali, zibadde nkazaluggya nga zisomba obusubi okubutwala mu bisu bya bwo. Mu kiseera ekitali kya wala bujja kuba bubiika n'okwalula, nga bumaamira amagi gaabwo. Mukimanyi nti, akanyonyi kasobola okuba n'ekisu ekirimu amagi, era kasobola okutuula ku magi ago mu kisu ekyo, nga bwe kagakyusa buli luvannyuma lw'eddakiika entonotono; nga bwe kakozesa obugere bwako ne kagakyusa, ne kagatuulako. Kati, ssinga kamala ne kaleka amagi ne gayitamu empewo, nga gamaze okufuna ku bbugumu, gaba tegajja kwalulwa. Kale kafulumamukko katono ne kagenda kafunayo otumere nga tuutwo, ne kakomawo ku magi nate.

88 Era mukimanyi nti, akanyonyi ako ka maama, kasobola okutuula ku magi ago, ne kagakyusa buli luvannyuma lwa ddakiika bbiri, naye ne . . . ne keerekereza na buli kimu kyonna n'okusiiba ne kasiiba njala okutuusa lwe kanafuwa ne katuuka n'okuba nga tekakyasobola na kufuluma mu kisu. Naye kati, okuggyako, nga akanyonyi ako ka maama kaasisinkana akanyonyi akawanga, amagi ago tegayinza kwalulwa. Ka kibe kiki, k'ogawembejje otya, tegayinza kwalulwa. Gajja kubeera omwo mu kisu gavundiremu.

89 Era bwe waba waali wabaddewo ekiseera Abapentekoote lwe basaanye okusisinkana Omusajja, Yesu Kristo; kubanga tuli mu kufuna kisu kijjudde magi mavundu meereere, abeegaana Okukkiriza, abeegatta ku Kakiiko akataba Enzikiriza, ebyo ne babiyita ebintu eby'amaanyi ennyo, okutuulako ne ppaapa,

nga bagamba mbu "kya mwoyo." Kikyamu ki ekibaliko, mmwe Abapentekoote? Temukimanyi nti ebintu ebyo Bayibuli yabyogerako nti biribaawo? Bwe tuva awo ne tusagambiza olw'okuba Abamesodisiti n'Ababaputisiti bali mu kutwegattako, wamu n'ebintu ebirala bino byonna. Temukitegeera nti embeerera ensirusiru bwe zajja okugula Amafuta, kye kiseera kyennyini Omugole Omusajja we yajjira? Era Amafuta tebaagafuna! Mumanyi, nga Okukwakkulibwa kujja kubaawo mu kyama ddala, wabeewo okugenda, olumu ku biro bino, n'okukitegeera temulikitegeera nti kibaddewo. Kiriba kimaze okubaawo, era mulisigala mwewuunya kiki ekibaddewo.

90 Nga Yokaana bwe yajja ku nsi. Naye ne bagamba Yesu, nti, "Naye, Bayibuli egamba nti, Eriya kimugwanidde okusooka okujja." N'abagamba nti, "Yajja dda, naye temwakimanya."

91 Bwe kityo bwe kiribeera, lumu, baligamba nti, "Mbadde ndowooza nti kino kyalina kubaawo nga ekiseera eky'Ekibonyoobonyo tekinnabaawo. Mbadde ndowooza nti Okukwakkulibwa kwalina okubaawo." Ebigambo birikomawo gye bali nti, "Kwamala dda okubaawo naye temwakimanya." Uh-huh. Obudde bwandiba kikeerezi okusinga bwe mulowooza. O, mugolokoke, kkanisa! Ekyo ka nkiveeko; ssazze wano kubuulira njigiriza, ekyo njagadde bwagazi kukinyigawo musobole okukisiba ku kikondoolo.

92 Jjukira, ow'oluganda, enteekateeka zino ez'amaanyi Ssetaani azirengedde, ekkanisa emu nga egezaako okusinga endala, ekibiina ky'eddiini ekimu nga kigezaako okusinga ekirala, baggyemu obutaba na buyigirize bwonna babumalemu babeekebejje endowooza n'enneeyisa zaabwe, bafune omusawo kakensa mu kwekenneenya ebikwata endowooza n'enneeyisa z'abantu yeekebejje omusajja oyo nga tannaba kugenda mu mulimu gwa kubunyisa njiri. Mmwe Abapentekoote! Nedda, abo—abo—abo si Bapulesibeteriyani, ekyo Abapentekoote be bakikola. Waliwo ekibinja ky'Abapentekoote ekimu ekirina ekisaanyizo eky'okukeberebwa endowooza n'enneeyisa, ekibinja ekinene ddala, nga ababuulizi b'enjiri tebannagenda kubuulira.

93 Watya ssinga ne bali baalina okukeberebwa okufaananako bwe kutyo? Okukeberebwa baakulina. Kwali kukeberebwa okw'obumanyirivu bwa pentekoote mu kusooka, we baalindirira mu kisenge ekya waggulu okutuusa lwe wajja Omuliro okuva mu Ggulu, awamu n'Amaanyi ga Katonda. Okwo kwe kwali okukeberebwa.

94 So si musawo ow'ensi eyakuguka mu kwekenneenya enneeyisa n'endowooza y'abantu, atamiddemu okuyimirira awo n'agezaako okubeekenneenya ebirowoozo, bw'obeeramukko n'okubugujja mu mutima, oba ekintu bwe kityo, n'agamba mbu, "Mmwe temunatuusa kukkirizibwa." Nga ate, waliwo obukakafu obukakasizza ddala nti omuntu ow'omwoyo ennyo

ekisukkiridde abaamu n'okutya munda mu ye, alina kubeera mu mbeera eyo okusobola okukiyingiramu. Kati awo we muli, olaba, bagootaanya bugootaanya Katonda ky'agezezzaako okukola okumala emyaka n'emyaka, ne bavaayo n'enteekateeka zaabwe n'e. . .

95 Babuguumirira bwe balaba enkuyanja y'abantu nga bakuŋŋaanye wamu. Ne bagamba nti, "Abo ssinga bonna mbafuula aba Assemblies! Abo ssinga bonna mbafuula aba Oneness! Abo ssinga bonna mbafuula Abamesodisiti!" Omumesodisiti bonna abeera agezaako kubafuula Bamesodisiti, Omubaputisiti bonna nga agezaako kubafuula Babaputisiti, Omupentekoote bonna nga agezaako kubafuula Bapentekoote! O, tosobola kubaako na ky'okikolera, abo Katonda bw'atyo bwe yabaawulira okuba okuva ku kutondebwa kw'ensi. Tulina kubuulira Njiri. Kye kyokka. Naye, n'enteekateeka zaffe ez'amaanyi, tusimbudde ne tugenda nga tetulina Muliro. Tusimbudde ne tugenda twekolerayo omuliro ogwaffe, nga bwe tuyinza okukiyita.

96 Era obwannaakaly'ak'ani, kaakano tutidde ebitagambika, obwannaakaly'ak'ani buyingiddewo, "Kiki ekigenda okuddako?" Naye, mumanyi, ekintu ekikulu si bwannaakaly'ak'ani. Ekyo leka nkibagambe kati, obwannaakaly'ak'ani si bwe ntya.

97 Naye kye ntya ku lwammwe, mmwe Abapentekoote, ke Kakiiko kano akataba Amakanisa kagenda kubamira. Ekyo kye ntya. Kagenda kukola ekifaananyi ky'ensolo, era mujja kuba mulina okuyingira mu mugendo ogwo. Olw'okuba muli kibiina bubiina ekigunje, mulina okukiyingiramu ekitali ekyo mukifulumemu. Ky'ekyo, era omuntu yenna omulungi, ow'amagezi, ow'omwoyo ekyo akimanyi. Twetaagayo obujulizi obulala obw'oku nnyanja, kati tukiraba. Ate Abapentekoote baffe, bamala gakimira bukkolokkolo, eddobo, akaguwa, n'akayinja kaakwo nga bawoza, "Nga kijja kuba kintu kya maanyi!" Nga ate mmwe, Abamesodisiti, Abapulesibeteriyani, Abaluzalaani, ab'enzikiriza y'ekkanisa ya Kristo, n'Abapentekoote, kiribeetaagisa okwegaana—okwegaana enjigiriza zammwe enkulu ez'ekitume, okusobola okukyegattamu. Byonna biriba birina okukola ekintu kye kimu. Muliba temulina kintu kyonna kye musobola kukyusa. Byonna biri mu kwegatta wamu ne Rooma, era nga ddala bwe kikakasiddwanga. Ebyawandiikibwa bwe bityo bwe bigamba.

98 Kikyamu ki ekiri ku babuulizi abaganya ebintu bino okutuuka mu mbeera eno, awatali kulabula bantu? Katonda alikibavunaana. Mu kaseera kano kennyini ak'emitawaana, nabo baali mu mitawaana, mwe baali. Obwannaakaly'ak'ani si bwe bugenda okuwamba; Akakiiko akataba Enzikiriza ke kagenda okumira ekintu kyonna. Ate mujjukire nti, we muligambira nti, "Tetu. . . " We kiribeererawo, naye ate kiriba

kikeerezi mu kaseera ako. Muliba mwamala dda okufuna akabonero k'ensolo. Muliba mwafuuka dda kitundu ku yo.

99 Mukyewale kati nga mukyasobola okukyewala, yee, ssebo, musibibweko akabonero mu Bwakabaka bwa Katonda. Omubiri gwa Kristo gwe Mubiri gwa Kristo ogutalabibwa na maaso, gwe tuyingiramu okuyita mu kubatizibwa n'Omwoyo Mutukuvu; toguyingiramu nga ogwegattako bwegassi, toguyingizibwamu buyingizibwa, toguyingizibwamu na kusendebwasendebwa, toyogera bwogezi mu nnimi okuguyingiramu, toguyingizibwamu lwa kuleekaana buleekaanyi. Ozaalibwa buzaalibwa okuguyingiramu, nga ozaalibwa Omwoyo Omutukuvu. Bwe kiri. Mazima ddala.

100 Kati bino by'ebintu bye tulaba, omutawaana gubalukawo mbagirawo. Ha, ssetaani yabalengera n'agamba nti, "Uh-huh, mbalengera beekejja, bali eyo babuukabuuka, bwe baleekaana, balina ekiseera ekirungi okukamala. Naye omanyi, kano ke kaseera ŋŋende mbattire mu mazzi. Kati ŋŋenda kubeesasuza."

101 Bw'atyo n'agolokoka n'adda ku kasozi waggulu n'atandika okufuuwa omukka gwe ogw'obutwa, whew: "Ennaku z'ebyamagero zaayita. Naye, abantu bano nzikiriza balimu bubeezi kutya. Ndowooza basaanye basooke bakeberebwe o—o—obwongo nga tebannagenda mu nsi ez'ewala." Abapentekoote! Uh-huh. Mulaba omukka ggwe ogw'obutwa bwe gutta Ekigambo mbu, "O, naye ndowooza si ky'Ekyo, nzi—nzikiriza ki . . ." Mulaba, nga bakuba enkyukira nga amadiini gali amalala gonna bwe gaakola, olwo lwe lugendo lwennyininnyini lwe tulimu. Bajja ku, kikitta. Oluba okukikolamu ekibiina ekigunje oti, ekyo kikitta. Kikissenga bbulijjo. Bulijjo kijja kukittanga. Tekiriddamu kuzuukira. Tekibangawo mu byafaayo. Mu—mu Mulembe gw'Ekkanisa guno ogwa Lawodikiya, Kristo yali bweru wa kkanisa, nga akonkona, agezaako okuyingira munda. Naye tebasobola kukigumiikiriza Ekyo. Tebasobola kukiwuliriza Ekyo. Kati tulaba, ekiseera kye tulimu, emitawaana gibindabinda.

102 Tugenda okwejjuukiriza, nga ebyamagero tebikyabaawo, nga bwe gwabanga. Abalwadde baddayo eka nga bakyali balwadde. Ensonga teri ku Katonda. Ensonga eri ku lwa butabaawo kudda buggya mu bantu. Tewaliiwo kudda buggya. Ba—batuula butuuzi ne bawuliriza; bwe bamala ne baddayo eka, nga bwe bagamba nti, "Ekyo nno, kibadde kirungi nnyo. Uh-huh." Mulaba, tewaliiwo bunyiikivu. Ekintu ekyo eky'enjawulo ekirina okuba mu bantu tekiriiwo.

103 Nzijukira emyaka kkumi n'etaano egiyise, wano mu Arkansas, bwe nnalina olukuŋŋaana olutonotono engulu eri mu Jonesboro, bwe waaliwo abantu nga emitwalo ena abaali bagezaako okujja mu lukuŋŋaana luno, bwe bajja mu lukuŋŋaana mu kibuga ekyalimu abatuuze omutwalo gumu

n'ekitundu. Ne beebaka wansi w'ebimotoka bi lukululana ebisomba ppamba n'ebintu eby'enjawulo, ne bawanirira empapula waggulu w'abaana baabwe abalwadde, nga byonna babikola kufuna kakisa kuyingira munda. Baatuula mu butebe bwabwe nga tebaseguka, emisana n'ekiro, nga ab'eŋŋanda zaabwe be batuma okugenda okubafunirayo ekitumbuuwa ne—n'eccupa ya sooda; ne basigala awo nga tebaseguka, buli lunaku, buli lunaku. Emitima gyabwe gyali gibugujja, nga giri ku muliro. Olw'ekintu ekitono Katonda kye yakola, ne kibateeka ku muliro. Ebikumi n'ebikumi ne beekuluumulula.

104 Akyali Katonda y'omu, akawungeezi kano, nga bwe Yali emyaka kkumi n'etaano egiyise. Akyali Katonda y'omu, akawungeezi kano, nga bwe Yali we yatondera eggulu n'ensi.

105 Naye kiki? Ffenna twabuguumirira ne tutwalirizibwa n'okwagala okuzimba ebibiina byaffe, n'okwagala okuzimbayo *kino*, n'okuzimbayo *kino,* n'okubaako kye tuyitimusa kyakaayakane, twegeraageranye ne ba Jones, n'Abamesodisiti, n'Ababaputisiti, n'Abapulesibeteriyani. Temuli kitundu ku bo. Nedda, temuli. Bo bannaddiini, nga ate tekirina mutawaana, sirina kikyamu kye mboogerako. Mu bo mulimu Abakristaayo abalungi bayitirivu, naye mmwe temulina kwegatta ku bibinja bya batakkiriza ebyo. "Abantu abeegaana Amaanyi gaakwo," temulina kuba ku ludda lwabwe.

106 Omanyi, omutawaana oguliwo guli nti, mugezaako okuleeta Hollywood mu kkanisa. Nga ate kye musaanye okukola kwe kufulumya Hollywood mugiggye mu kkanisa. Okiraba? Mugezaako okunyiriza ekizimbe kyammwe, mugezaako okugaziya eddiini yammwe, esobole okusikiriza abantu. Tetulina kusala ddiiro kudda ku ludda lwabwe. Tulina kubawangula kubazza ku ludda lwaffe. Buli kimu kimasamasa, mujjukire nti Hollywood etangalijja n'endabika y'ensi, naye yo Enjiri eyakaayakana mu bukkakkamu. Waliwo enjawulo nnene ddala wakati w'okumasamasa n'okwakaayakana. Enjiri eyakaayakana mu bukakkamu, n'obuteefu, n'obuwombeefu, n'amaanyi. Naye ate, Hollywood yo emasamasa, nga buli muntu bw'asagambiza n'okuleekaana, nga bwe bagenda gy'eri. Mukiraba? Ekyo tetukyetaaga.

107 Ogwo gwe Musana gwe twagala obulamu bwaffe bwolese. Yagamba nti, "Mmwe muli munnyo gwa nsi." "Naye omunnyo bwe guggwaamu ensa," nga ago ge maanyi g'Enjiri. Tulina okuba n'ekintu ekitambula mu kkanisa zaffe, ekinaaleetera Abamesodisiti, n'Ababaputisiti, n'Abapulesibeteriyani, n'abalala bonna, okuyaayaana okwagala okujja. Tulina okubaamu omunnyo ogumala! Omunnyo guleeta ennyonta, guleetawo ennyonta. Omunnyo y'ensa, bwe gukombwako. Gulina kusooka kukombwako.

108 Naye tulaba nti, mu kwekeja kwaffe okw'amaanyi okw'okugezaako okwegeraageranya n'Abamesodisiti n'Ababaputisiti, mu kuba n'ebizimbe ebinene n'agafo aganene, n'abantu abaasoma abayivu, n'amasomero agasingako obunene ku ge tubadde nago n'amatendekero agasingako obunene, n'ebintu eby'engeri eyo. Kwo okwekeja twekeze, naye kati omutawaana guuguno guzze.

109 N'osanga omuntu alina entegeera ey'omwoyo n'alaba ebigenda mu maaso n'akubuuza nti, "Naye, sooka olindeko katono, ky'ogamba ffenna tugenda kwegatta ku Kakiiko ako akagatta Amakanisa gonna? Ekibiina kyaffe kyonna kiyingire omwo?" Mazima ddala, mugenda kukeegattako. Bwe kiri ddala. Ggwe tunula olabe oba temuukikole. Bayibuli yagamba, nti mujja kukikolera ddala, era Kristo aliba bweru. Omwezi gwazikira mu kukyala kwa paapa (eyasookera ddala okugenda e Rooma), ekiro kya luli, nga kikulaga akabonero mu bwengula. Kyali tekisuubirwa, naye gwakikola. Engeri Mukama gy'akolamu ebintu mu kiseera kino, yeewuunyisa!

110 Naye mu kaseera kano ak'entiisa ak'ekizikiza, bwe baali bakyali awo, ne wajja embuyaga. Essuubi lyonna ery'okusimattuka lyali liweddewo. Kati ogenda kukola ki eddiini yo bw'eneeyingira mu Kakiiko akagatta Amakanisa? Kiki ekinaddirira eri ebintu byaffe byonna eby'amaanyi bye tuzimbye wano ku nsi, nga essuubi erisembayo liweddewo?

111 Naye omanyi, bwe baali banaatera okulaajana, nga essuubi lyonna liweddewo, nga tebakyasobola kutaasibwa; amangu ago, ne bamulaba nga Ajja, atambula ku mazzi. Mu kaseera aka kazigizigi, Yajja, nga atambula.

112 Omanyi? Bwe Yabaawukanako, Yali akimanyi nti ekyo kyali kigenda kubaawo, kale Yayambuka n'alinnya waggulu ku kasozi akaali kasingayo obuwanvu mu kitundu ekyo. Gy'okoma okwambuka waggulu, gy'okoma n'okulengera obulungi. Kale Yayambuka waggulu Asobole okubalengera, omanyi.

113 Ate na kino Yakimanya nti kyali kijja. Bino ebiro Yabiragulako nti biribaawo. "Nga bwe kyali mu nnaku za Sodoma, bwe kityo bwe kiriba mu kujja kw'Omwana w'omuntu, mu kiseera Omwana w'omuntu bw'aliba abikkulwa." Kitegeeza, Omwana alina okubikkulwa. Omulembe guno omubi era ogwakyama gunoonya akabonero. Guliweebwa akabonero. Naye gulikagaana era nga bwe baakola mu kiseera kiri, naye kaliba kabonero ak'okuzuukira. Akyali mulamu, akola nga bwe Yakola mu kiseera kiri.

114 Tukizuula nti, mu kaseera kano akazibu, nga abayigirizwa abo nga bonna basobeddwa, Yayambuka waggulu Asobole okubalengera. Yali atudde waggulu eyo ku kasozi, nga abalengera.

115 Naye kati ku mulundi guno teyayambuka waggulu ku lusozi, wabula Yalinnya okuva mu ntaana, n'ayambuka waggulu mu bbanga, okusukka omwezi, n'emmunyeenye, n'Atumbiirira ddala waggulu n'Aba nga alina kutunula wansi okulaba Eggulu. Era Atudde, Waggulu eyo. Kati eriiso Lye liri ku nkazaluggya, era mmanyi nga Atulaba. Alaba.

116 Era mu kaseera kano kennyini ak'ekizikiza, nga amakanisa gonna gatwaliriziddwa n'entegeka ez'amaanyi, nga galina entegeka *eno* n'entegeka *eri*, nga gonna gatambulira ku ntegeka nga amakanisa amalala bwe gakola, ag'ebibiina by'amadiini. Era kiki ekiddiridde? Mu kaseera ak'ekizikiza, nga abantu ddala abajjula omwoyo beewuunya nti, "Kiki ekigenda okubaawo? Laba abaana bange!" Nga omusajja yeewuunya nti, "Laba mukyala wange! Laba *kino*!"

117 Ne baggalawo olukuŋŋaana lw'oku Ssande, manya olukuŋŋaana lw'Olwokusatu akawungeezi ne balumaliriza, nga bukyali, basobole okugenda balabe akazannyo ka *Twagala Sucy,* oba ekintu eky'engeri eyo, ku ttivi. "Abaagala ensi, okusinga Katonda." Nga beeyisa nga bo.

118 Luli waliwo omukazi gwe nnagamba, yali ayambadde akateeteeyi nga kamumiimye. Ne mmugamba nti, "Mmwanyinaze, akateeteeyi ako nga kakumiimye nnyo. Kiyinza obutawulikika bulungi nze okukikugamba, naye kakumiimye. Oli Mukristaayo, era ojja kubaako ne gwe weesittaza."

119 N'aŋŋamba nti, "Naye, Ow'oluganda Branham, nkubuulire?" N'agamba nti, "Buno bwe bwokka bwe bakolayo."

120 Ne mmugamba nti, "Jjoola z'engoye bakyazitunda, n'ebyalaani bikyaliyo. Tewali kya kwekwasa." Weewaawo.

121 Wuliriza, leka mbeeko ne kye nkubuulira, mukwano gwange omwagalwa. Sigezaako kukusojjasojja. Nedda, ssebo. Ngezaako kukuwonya kugenda mu muliro. Kasita omwoyo ogwo gukubaamu, ojja kukikola. Bwe kiri. Olina okuzaalibwa n'ogwetakkuluzaako. Kati bw'oyogera bw'otyo oyinza okukola kyonna ky'oyagala, naye leka mbeeko ne kye nkubuulira, olaba, "Enkula y'omutima gwo, y'eraga n'obugagga bwo gye buli."

122 Leka nkubuulire. Oyinza okuba nga oli mulongoofu nnyo ddala nga eddanga eri balo, era oyinza okuba nga oli mulongoofu nnyo ddala nga eddanga, omuwala omuto, eri muganzi wo, naye lumu Katonda alikuvunaana ogw'obwenzi. Gukusinga bw'oyambala bw'otyo. Yesu yagamba nti, "Buli atunuulira omukazi okumwegomba, aba ayenze naye mu mutima gwe." Kati omusajja oyo bw'aliba avunaanibwa, omwonoonyi oyo, ogw'okukutunuulira, ogw'okwenda, ani aliba yakimuleetera? Kirowoozeeko. Mmwe abakazi Abapentekoote, muswadde! Mulaba? Muswadde!

123 Mbaagala, y'ensonga lwaki ekyo nkyogera. Okwagala kugolola.

124 Tulumbiddwa akatinko ak'amaanyi ddala, akatinko k'emisono gy'engoye. Kiringa, bonna beetonaatona nga ab'ensi. Yagamba nti, "Temwagalanga nsi, newankubadde ebiri mu nsi; bw'oba obyagala, kitegeeza n'okwagala kwa Katonda tekukuliimu," sifaayo ennimi ozoogera kwenkana wa, n'obuukabuuka, n'ozina amazina, n'osalako enviiri, n'oyambala obuteeteeyi nga obwo. Naawe omusajja n'okiganya kikolebwe. Ebibala byennyini by'obala biraga ky'oli. Ky'ekyo kyennyini. Ky'ova olaba tuli mu kavuyo kano ke tulimu, n'embuyaga ez'obwannaakaly'ak'ani, n'embuyaga ez'okujjumbira n'okuvunnamira amakanisa bye gayigiriza, n'embuyaga ez'omugendo gw'okugatta awamu amakanisa!

125 Ki—kiseera kya kwegatta kuba bumu, kiseera kya kwegatta wamu kuba kitole. Ebibiina ebirwanirira eddembe ly'abakozi biri mu kukunga abakozi beegatte babeere n'ekibiina ekibagatta, bakirwanirira. Amawanga galina e—Ekibiina ekigatta Amawanga, gali mu kwegatta. Amakanisa gali mu kwegatta wamu. Ebyo byonna biraga ki? Biraga nti Kristo n'Omugole bategeka okwegatta. Kye bitegeeza. Ebisiikirize by'ebintu bino byonna biraga ekya nnamaddala ekijja. Mwekkaanye kaakano nga bwe tumaliriza, kubanga obudde bundekawo.

126 Era kati mulabeeyo, mu kaseera ako akazibu nga essuubi lyonna liweddewo, ery'okutaasa obulamu, baalaba Omuntu eyajja, atambulira ku mazzi, nga atambula ajja gye bali. Kyokka ekintu, eky'ennaku, muwulirize bulungi, ekintu kyokka ekyali kisobola okubayamba, ate baali bakitya. Baagamba nti, "Gulabika muzimu. Gwandiba, omuzimu, tomanya."

127 Ekyo bwe kiba tekizzeemu ne kibaawo! Bakitya Ekyo. Batya mbu bwandiba obulaguzi, batya mbu gandiba amaanyi ga ssetaani; nga ate Yesu yagamba nti Kya kubeerawo mu biro bino. Ekintu kyokka ekisobola okubayamba ye Yesu Kristo. Si kibiina kya ddiini kirala, si byonna kwegatta wamu; ekyo ate kijja kwongera kubisajjulira ddala. Ekintu kyokka ekisobola okukuyamba ye Yesu Kristo.

128 Era bwe Yasuubiza okukomawo nate mu nnaku ez'oluvannyuma, mu nkula eno, akole kino, yasuubiza (nga mu kiseera kiri nga omwana ow'obulenzi eyasuubizibwa Ibulayimu tannajja, ensigo eyasooka) ensigo ya Ibulayimu ey'olulyo olulangira, ne Yesu yali wa . . . yagamba twali ba kulaba ekintu kye kimu. Nga Omwana ow'obulenzi eyasuubizibwa tannajja, Katonda yali wa kweyoleka Mwene mu mubiri era akolere ddala nga Yesu bwe yakola, nga bwe Yagamba nti bw'Alikola, era nga bwe kyayogera nti bwe kirikolebwa ne mu nnaku ez'oluvannyuma. Era ebisuubizo ebyo byonna weebiri wano, bye tusobola okujjayo ne tulaga, ebiyitirivu ennyo, wano wennyini mu maaso gammwe, ebiraga nti kino kirina okubaawo.

129 Naye ate amakanisa, agandibadde ganjuluza emikono, okukyaniriza Ekyo ogasanga gali mu kuwoza mbu, "Ekyo nkyekengeddemu. Tekiva mu kibiina kyaffe, olaba." N'osanga nga bakitya. Ekintu kyokka ekisobola okubatuusa eri Kristo, ye Kristo Mwene, naye batya nti Atiisa. "Wabula, ssimanyi. Ogwo gwandiba omuzimu, olaba. N'ebikikwatako sibimanyi." Nga batya ekintu kyokka ekisobola okubayamba.

130 Naye mu kaseera ako aka kazigizigi, ekkanisa eyo ey'abalonde, ekibinja ekyo ekyali kitudde emitala, nga batidde nti gwandiba omuzimu, nga tebaagala na kugwesembereza. Mu kaseera ako ne wajja Eddoboozi eryo eseeneekerevu ne ligamba nti, "Temutya. Nze Nzuuno."

131 Ye Kigambo, si ky'Ali? Takyukakyuka, kuva ku kubeera Kigambo. Kati temuwulira Kigambo nga kyogera, akawungeezi kano nti, "Abeera bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna. Temutya; nze Nzuuno"?

Leka tukoteke emitwe gyaffe.

132 Kitaffe ow'omu Ggulu, e—ebbugumu lingi akawungeezi kano. Biseera bya kizikiza, n'Omuliro ku wolutaali guzikidde. Oli mu kukuŋŋaanya ensigalira y'ebikunguddwa mu nnimiro. Wagamba nti, "Obwakababaka bufaananyizibwa omusajja eyakwata akatimba n'agenda ku nnyanja, n'akakasukayo, era bwe yakajjaayo. Obwakababaka bufaanaanyirizibwa n'ekyo." Ayi Mukama Katonda, lumu ekyennyanja ekyo ekisembayo ekiri mu mazzi ago! Wagamba nti, "Baakuŋŋaanya ebya buli ngeri." Akatimba ako ak'Enjiri kakwata ebya buli ngeri; kaakwata enfudu, engala, bi nnabbubi, emisota, n'ebyennyanja ebirya ebifudde. Ffe tetumanyi bye kakwata, naye mwalimu ebyennyanja bye Wali onoonya. Ye Ggwe Mulamuzi. Naye tukiraba nti, mangu ddala enfudu, engala, n'ebirala, byonna byewalula mu ttosi, ne biddayo mu mazzi. Naye lumu ekyennyanja ekyo ekisembayo ekyateekerwateekerwa, ekyayawulibwa okujja, ekikola ekitundu ky'Omubiri ekyo ekisembayo, kiriggyibwayo mu nnyanja eyo.

133 Wakasuka akatimba mu biro bya Luther, n'ebya Wesley, n'ebya Alexander Campbell, n'ebya John Smith, n'ebya Calvin, n'ebya Knox, n'ebya Finney, n'ebya Sankey, n'abalala; ne mu mulembe gw'Abapentekoote, mu biro bya F. F. Bosworth, n'ebya Frochman, abasajja abo abazira. Wakasuka obutimba, mu biro bya Billy Sunday, n'okuyita mu mulembe gwonna.

134 Era na kati Okyayerula ennyanja. Waliwo yenna atudde wano akawungeezi kano, Mukama? Bw'aba waali, nsaba abeere nga omukazi oli eyali ku luzzi. Ne mu bwamaalaya bwe, era yasobola okukutegeera nti Ggwe Masiya. Akabonero ako yakalaba. Ekyo kyamumala. Yagamba nti, "Ndaba nti Oli nnabbi." Yali tamanyi na kumanya nti ono yandiba nga ye Masiya. Yagamba nti, "Tulindirira okujja kwa Masiya," amakulu

mu kyo. “Tumanyi nga Masiya bw’alijja, Alitubuulira ebintu bino.” Ggwe n’omugamba nti, “Nze Nzuuno.” Ekyo kyamumala.

135 Kaakano, akawungeezi kano, ayi Mukama, leka bakirabe ekyo nti, “Nze Nzuuno; temutya. Kisuubizo Kyange.” Wonya abalwadde, ayi Mukama, lokola abaabula, jjuza abayala.

136 Leka tuve wano akawungeezi kano, nga tugamba mu mitima gyaffe, nga bwe tugenda, nga bali abaali bava Emawo nti, “Emitima gyaffe tegitubuguumiridde bw’Abadde aweereza gye tuli akawungeezi kano mu kizimbe, n’Okubeerawo Kwe Okutukuvu!” Engeri gye baakitegeeramu nti wali Ggwe, baakwaniriza oyingire era amaaso gaabwe ne gazibuka. Leka buli omu ku ffe, akawungeezi kano, akwanirize Oyingire. Ne bwe tuba tetukitegeera, era leka, tumale gakwaniriza Oyingire. Y’engeri yokka gy’Osobola okwebikkulamu.

137 Era tukiraba nti engeri Gye Weebikkulamu oluvannyuma lw’okuzuukira Kwo, Wakola ekintu mu ngeri y’emu gye Wakikolamu nga tonnakomererwa. Kaakano jangu akawungeezi kano, ayi Mukama, Wagamba nti Ggwe “omu jjo, leero, n’emirembe gyonna.” Tukolere, nate, nga bwe Wakola mu nnaku ziri bwe Wayimirira wano mu mubiri, ku nsi. Tujja kuddayo eka, n’emitima egiwewuse, nga bali. Tusabye mu Linnya lya Yesu. Amiina.

138 Kati mu lukuŋŋaana, akawungeezi kano, mmanyi ebbugumu lingi nnyo, naye tusigazzaayo eddakiika abiri okufuluma mu budde bwe tulina okufulumiramu. [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.] Ndi . . .

139 Ssisobola kukomya manyanga kuziyiza bintu bye nkola. Waliwo Ekintu ekinsindiikiriza, bwentyo bwe mbaddenga, obulamu bwange bwonna, era lubeerera Kibaddenga kituufu. Tekiŋŋambangako kintu kyonna kitali mu Bayibuli. Ssisobola kukiziyiza. Ssirina kye nsobola kukikolera. Kyo kikikola, bukozi. Era ndi mukakafu nti, bwe mbeera omuwulize, wabeerawo omuntu abeera akyeetaaga. Kale nja kubeera mwesigwa. Era ku Lunaku luli, njagala, njogere nga Omutukuvu Pawulo omukulu bwe yagamba nti, “Tewali musaayi gwa muntu guli ku ngalo zange.” Huh-uh. Nja—njagala kubabuulira Mazima. Si kugamba mbu . . . Mbaagala.

140 Kati ssinga obeera n’akalenzi akato . . . Kati kirowoozeeko, nnyabo, ggwe nnakambuwalidde emabegako, nammwe bannyinaffe abalina enviiri ensale n’ebintu ebyo ebirala. Ssinga mba . . . Ssinga obeera n’akalenzi akato nga katudde mu luguudo, n’okagamba, “Juniya, mukwano, vvaayo ojje eno, mukwano. Tomanya, simanyi, oba oli awo bayinza okukutomererayo eyo.” Omwana oyo obeera tomwagala. Bwe kiri. Ojja kugenda omusikambuleyo omususumbuleko n’olususu, oba omukake okuyingira munda. Bwe kiri. Awo obeera omwagala.

141 Kati n'Enjiri bw'etyo bw'eri. Katonda akwagala. "Era abo bonna b'Ayagala, Akangavvula era anenya buli mwana yenna ajja gy'Ali." Bw'oba tosobola kugumira kukangavvulwa, n'ovaawo nga wenna onyiize olw'okukangavvulwa, kitegeeza oli mwana mweboolereze, toli mwana wa Katonda. Kale ekyo mukijjukire, Ekyawandiikibwa bwe kigamba.

142 Kati ekigambo ekimu bwe kiti ekivudde gy'Ali, ekigambo kimu, kijja kukusingira byonna bye nnyinza okwogera, emirundi kakadde. Abeera Ye. Ekisuubizo Kye tukimanyi. Tumanyi kye Yasuubiza okukola. Kati simanyi oba nga . . . twa . . . tujja ku . . .

143 Yazzeemu n'agaba kaadi? Leero wagabye kaadi? Wagabye ziruwa? J, kale. Kale, okulokola obudde, leka tutandikire ku nnamba emu. Kati, bayinza okuba nga basaasaanidde wonna mu kizimbe. J, nnamba emu.

144 Era kati twafunamukko okutaataaganyizibwa. Lumu, twagenda ne tutandikira, ku *eno*, ate bwe waayita akaseera, ne tuyita eno n'eri, bwe tutyo, naye ekyo kyatutaataaganyamukko wano. Naye abantu bonna abajja, buli lunaku, babeera n'akakisa ak'okujja mu lunyiriri. Kati ekyo tekitegeeza nti olw'okuba oli wano . . .

145 Bameka abamanyi, nga mu lukuŋŋaana luno, wabaddewo abantu abawonyezeddwa nga bali mu kibiina nga kyenkana bakubisaamu emirundi ebiri, abo abazzenga wano? Ddala bwe kibadde, mukimanyi. Mulaba, kaadi y'okusabirwa ebeera ya kuleeta buleesi wano bantu, kuleetera Mwoyo Omutukuvu kukka mu makkati gaabwe, nga bwe mukimanyidde nti bwe kikolebwa. Ne kaakati tetuzeetaaga. Kaadi z'ab'okusabirwa tusobola n'okuzeesonyiwa.

146 Nga bwe twakoze ekiro kya jjo, tetwabadde na kaadi za baakusabirwa ekiro kya jjo. Naye Omwoyo Omutukuvu yatambudde mu makkati g'abo abataabadde na kaadi za baakusabirwa. Era nnalabye ebintu bingi bye ssaayogeddeko kintu kyonna, kubanga nnabadde ssimanyi oba nga byabaddewo oba nedda. Ekizikiza kyasigadde kikyabalengejjerako, kale nnabyesonyiye bwesonyiyi. Nga simanyi. Tekirina kye kyandikyusizza okubayitayo. Kyonna ky'Agamba kiba kituufu, n'olwekyo muwulirize ky'Agamba.

147 Kati ogambye wagabye J? J, nnamba emu? J, nnamba emu. Ani alina kaadi y'ab'okusabirwa? Yimusa omukono gwo. Wandiba nga weerabidde, mutabani; wandiba nga waliwo engeri . . . O, munsonyiwe. O, wuuli ku kisenge emabega eri. Jangu eno, nnyabo. Kaadi zino ba—bazireeta buleesi wano, abavubuka, Ow'oluganda Borders oba Billy, omu ku bo, oluusi bombiriri, kaadi ezo ne bazitabika nga mulaba, bwe bamala ne bakuwa kaadi yo, yonna gy'oba oyagadde. Ffe tuba tetumanyi, bazi . . . *Ono* ayinza okufuna nnamba ttaano, *oli* n'afuna musanvu, *ono* n'afuna nnamba kkumi na ttaano,

ate *oli* n'afuna kyenda mu ttaano, ffe tuba tetumanyi. Ate, n'ekirala, bwe nzija, nze mpita buyisi, kyonna ekimbeera ku mutima, awo we ntandikira, oba ali wa wonna. Mpita buyisi . . . Ssinga ŋŋamba . . . Oluusi mbala bameka abali ku ludda olumu, ne mbagabanyaamu n'abali ku ludda luno n'enfuna omuwendo gwe mba nfunye. Mukiraba? Ate oluusi, bwe mba sikoze ekyo, awo, mpita buyisi . . . yonna esooka okunzijira mu birowoozo, gye mpita.

148 Nnamba emu. J, nnamba bbiri. Nnamba bbiri, nnamba ssatu, nnamba nnya, nnamba ttaano, nnamba mukaaga, musanvu, munaana, mwenda, kkumi, leka bajje, mulaba. Emu, bbiri, ssatu, nnya, ttaano, mukaaga, musanvu, munaana, mwenda, kkumi. Ekyo kirungi. Mukole bwe mutyo, mujjire ddala . . . Lindako, omu ate agenze ludda eri. Mbadde . . . Emu, bbiri, ssatu, nnya, ttaano, mukaaga, musanvu, munaana, mwenda. Bwe kiri. Kati, wano, yiino wano, kkumi. Kale.

149 Kkumi n'emu, kkumi na bbiri, kkumi na ssatu, kkumi na nnya, kkumi na ttaano. Abo twongeddeko abalala bataano. Omu, babiri, basatu, bana, bataano. Kirungi, ekyo kirungi.

150 Kkumi na mukaaga, kkumi na musanvu, kkumi na munaana, kkumi na mwenda, abiri. Omu, babiri, basatu, bana. Ndabako bana bokka. Abiri, ow'amakumi abiri ayanukudde? Kale. Kati, tetwagala kuyimiriza bangi mulundi gumu. Kati bano bwe tunaabamalawo, nga obudde bukyali, tujja kuyitayo abalala. Tetwagala kuyita . . . Oba oli awo tu . . .

151 Leka twongereko abalala nga baabo. Leka twongereko abalala bataano. Okuva ku abiri mu emu okutuuka ku abiri mu ttaano, mu nnyukuta eya J, bayimirire bwe baba basobola. Abiri mu emu okutuuka ku abiri mu ttaano. Omu, babiri, basatu, emabega eri, bana. Omu, babiri, basatu, bana, abo bataano. Kale, kati leka tusooke tukome ku abo. Baweze abiri mu bataano abasimbye mu lunyiriri, era ba—basimbye wano wansi.

152 Kaakati ŋŋenda kukusaba onkolere ekintu kimu. Onantegera ebirowoozo byo byonna . . . Katonda onaamuwa ebirowoozo byo byonna, mu ddakiika ekkumi n'etaano, oba ekkumi n'omukaaga eziddako. Ekyo onaakikola? Ne kino onaakikola, onaggulawo omutima gwo? Kati jjukira bye njogedde. Tobireka kumala gakuyitako, nga amazzi ku mugongo gw'embaata, nga enjogera ey'edda bw'egamba. Tokikola. Kirowoozeeko Kino.

153 Ssinga mbaako ekintu kyonna kye mbayigiriza ekitali mu Byawandiikibwa, era ekitali kisuubizo kya kiseera kino, oli wa ddembe okujja n'olaba maneja wano n'ojja n'okiŋŋamba. Ky'ekyo. Si—ssiyigiriza kintu kyonna kitali mu Kigambo. Naye bwe nnywerera ku Kigambo ekyo, era nga nkibuulira nga bwe Kiri, ne Katonda . . . Nga kiri mu Bayibuli. Ssinga Malayika wa Mukama abaako ekintu kyonna ky'aŋŋamba ekitali mu

Bayibuli, tabeera Malayika wa Mukama. Bwe kiri. Tewali mulundi n'ogumu lwe Yali aŋŋambye ekintu kyonna okuggyako ebyo ebiri mu Kigambo ekyo, era ku ekyo munjulira. Talina kintu n'ekimu kye Yali ayogedde, okuva mu bikumi n'ebikumi by'enkumi n'enkumi, n'ennimi eziri mu nsi, tewali mulundi yadde n'ogumu guti lwe Yali ayogedde kintu nga kikyamu, oba n'ayogera ekintu ne kitatuukirira.

154 Muwulirize. Mubuuze maneja ne bano abali wano. Kino mwe mwenna kye mulaba wano, ky'ekitundu eky'ebyo eby'eddaala erya wansi eky'ebyo ebikolebwa. Si bwe kiri, ab'oluganda? [Ab'oluganda baddamu nti, "Bwe kiri."—Omuk.] Kubanga, ebweru eri, ne mu bulamu obutali bwa lujjudde, gy'Agambira nti, "Genda mu kifo *kino*, olabeyo *kino*. Ne *kino* kijja kubaawo. Era yogera *kino* bw'ogenda, erudda *wano*." Ebyo bibeerawo bulijjo, bulijjo, mukiraba, mwaka ku mwaka. Abantu ababeera mu kibiina bye balabako bye—bye bintu ebitonotono eby'eddaala erya wansi. Naye kati bwe muneewoombeeka.

155 Kati buli ali mu lunyiriri luno olw'ab'okusabirwa, ayimiridde wano, muntu bwe tutamanyiganye? Muyimuse emikono gyammwe bwe muba nga bwe muli. Kale. Bameka abali eyo, nga okimanyi nti ssirina kye nkumanyiiko? Yimusa omukono gwo. Kati nga . . . Weebale. Ssifaayo wonna w'oli, oba waggulu eri mu mwaliiro ogwa waggulu, oba oli mabega ddala eri ku kisenge awasemba, oba oli *wano* mu makkati, wonna wonna w'oli. Ŋŋenda ku . . .

156 Kati, kino kiyamba mmwe. Kino kigasa mmwe. Mukiraba, kino kigasa mmwe.

157 Mbadde ndowooza nti kazzukulu kange ke kabadde koogera nange, naye si bwe kiri. Nnina kazukkulu kange wano kalina we kali, akawungeezi kano, kenkana nga oyo, kale ndowoozezza nti abadde omuto Paul. Bulijjo aŋŋamba nga bw'ajja, okujja ku kituuti, annyambeko okubuulira, kyokka tannaweza yadde emyaka ebiri. Omulenzi oyo omuto alabika anoonya maama we.

158 Kale mujjukire nti, ngezaako kubayamba. Nge . . . Ekyo Katonda akimanyi. Ngezaako kubayamba, mulaba. Kati mulabeeyo, njagala muganyulwemu, bw'Anajja mu makkati gaffe.

159 Kati mukirowoozeeko, Omuntu oyo Yesu Kristo nga akolera mu mubiri, nga bwe Yasuubiza nti bw'Alikola mu nnaku ez'oluvannyuma. Ekyo bameka abakimanyi nti Yakisuubiza? Nga bwe kyali emmanga eri e Sodoma, Malayika bwe Yali akubye amabega, naye . . . Oyo yali Katonda. Mukkiriza nti oyo yali Katonda? Bameka abakkiriza nti oyo yali Katonda? ["Amiina."] Ddala, yali ye. Bayibuli egamba yali ye. Era Ye, Yesu, yakijulizaako. Kati mwetegereze.

160 Kati ggwe ali eyo nga tolina kaadi ya baakusabirwa, njagala obeeko ne ky'onkolera, wonna w'oli. Kati jjukira, ebintu

bino, ssaayo omwoyo, bw'Akugamba nti owonyezeddwa, oba kyonna ky'Akugamba okukola. Ssaayo omwoyo ku ky'Ayogera. Bw'Akugamba obugambi, ekyo kiba kya kuyimusa kukkiriza kwo. Kati okukkiriza kwo bwe kusituka, golola bugolozi omukono gwo okkirize Katonda. Ssi nze, kubanga Kitaffe ow'omu Ggulu amanyi.

161 Bwe nneetegereza abali mu lunyiriri luno wano, ssirabamu muntu n'omu gwe mmanyi. Mu kibiina kyonna ssirabamu yadde abantu abawera ababiri oba abasatu, be mmanyi. Era we njogerera wano, simanyi, ndowooza waliwo omuntu omu yekka gwe nsobola okusongako. Mmanyi nga Edmund Way yabaddeko wano eddakiika ntono ezaakayita. Mbadde ndowooza mmulabye, naye ta—tabadde . . .

162 Bwe mba ssirabye bubi, nnengerayo omuntu gwe mmanyi, waliwo omwami ne mukyala we, n'akawala akato, omwami ayitibwa Fritzinger, okuva engulu mu Ohio. Oyo ye, ggwe Ow'oluga- . . . *oyo* ye Ow'oluganda Fritzinger? Mutudde mu ngeri ya kabinja . . . Abo ye Ow'oluganda ne Mwannyinaffe Fritzinger, okuva mu Ohio, mikwano gyange.

163 Ate wabweru w'akabinja ako, watuddewo, ye . . . Nnengera ku ludda luno olulala, watuddewo omusajja omukadde aweza emyaka kyenda mu ebiri, ayitibwa William Dauch. Ye ne mukyala we. Mukyala we nnansi. William Dauch, okuva mu Ohio, mukwano gwange. Gye buvuddeko, yali aweza, emyaka kyenda mu gumu, yalwala obulwadde bw'omutima, n'aba bubi nnyo, era mukyala we yampita, ŋŋendeyo bunnambiro, yali afa mu kaseera ako. Era oku . . .

164 Abadde mukwano gwange nnyo wa kulusegere. Bwe nnali ŋŋendayo, nnali mweraliikirivu. Nnasooka ne nnyimirira, emu ku nnamuziga zange yali esowose, nga omupiira gwange gwonna egusazeesaze, ne nkyamako ku ssundiro ly'amafuta erya Texaco, ne nnywayo ku mafuta, ne bajja, ne bagwekebejja. ŋŋenda okunutula nti waggulu, ne ndaba Ow'oluganda Dauch nga ayingira mu kkanisa yange, n'ankwatako mu ngalo. Ne ŋŋamba nti, "Mukama atenderezebwe." Bwe nakyuka erudda, ate ne mmulaba nga ajja atambula mu kkubo, n'ankwata mu ngalo. Bwe nnava awo ne ŋŋenda mmulaba.

165 Ne ndaba omusawo we, yali Muyudaaya omuto, manya yali musajja akuliridde mu myaka, Omuyudaaya. Ne mmubuuza nti, "Ali atya, dokita?"

166 N'aŋŋamba nti, "Takyasigazzaayo kaseera kanene." N'agamba nti, "Ali mu ka weema omubeera abatakyasobola kussa mukka ku lwabwe mwe bassiza." N'agamba nti, "Omwo mwennyini mw'agenda okufiira." N'agamba nti, "Jjukira, wa myaka kyenda mu gumu."

Ne ŋŋamba nti, "Yee, ssebo."

167 N'agamba nti, "Omutima gwe tegukyasobolerako ddala n'akatono. Tewakyali kiyinza kukolebwa." N'agamba nti, "Ky'ekiseera kye eky'okugenda."

168 Ne mmugamba nti, "Yee, ssebo. Naye, nedda, tagenda kufa. Ekyo kyo bwe kiri."

169 Ne nnyingira munda, ne mpisa omukono gwange wansi wa ka weema ne nguyingiza munda. Ne ŋŋamba nti, "Ow'oluganda Dauch, osobola okumpulira?" N'ayimusa amaaso n'antunuulira. Kati eky'amazima, erinnya lye, lya Kigirimaani, D-a-u-g-h, naye nze ndyeyitira Dauch, olaba. Kale na—nnayisa omukono gwange wansi wa ka weema ne nguyingiza munda ne mmubuuza nti, "Ompulira, Ow'oluganda Dauch?"

N'agamba nti, "Weewaawo."

Ne mmugamba nti, "Togenda kufa. Nkirabye togenda kufa."

170 Waayitawo wiiki emu, mba nyimiridde mu kkanisa yange, nga ono Ow'oluganda Dauch si gwe ndaba ayingira mu kkanisa! Nnava mu lukuŋŋaana ne nsomoka omugga, ne ŋŋenda mu wooteeri, okulya. Mba nfuluma emmotoka nti, ŋŋenda okulengera nga ajja mu kkubo, nga ye Ow'oluganda Dauch nga agolodde omukono gwe. Okwolesebwa okwo tekulema kutuukirira.

171 Era omusajja oyo kati aweza emyaka kyenda mu gumu, era agoberera buli lukuŋŋaana, yali ne mu California. Osobola okuyimusa ku mukono gwo, Ow'oluganda Dauch? Awo w'otudde, abantu basobole okulaba bw'oli omujaasi yennyini kati. Wuuno, atudde wano eno, mumulaba, wa myaka kyenda mu gumu, naye agoberera buli lukuŋŋaana. Bwe mbeera mu kkuŋŋaaniro eka, avuga mayiro bikumi na bikumi buli lunaku, okusobola okujja okumpulira nga mbuulira obubaka obumpi, bw'amala n'addayo. Katonda, "Walibaawo Omusana mu kiseera eky'akawungeezi."

172 Nnamugamba, luli nnali njogera naye, ne mmubuuza nti, "Kiki kye nnyinza okukukolera, Ow'oluganda Dauch?"

173 "Kimu kyokka kye nsaba, Ow'oluganda Branham. Bw'Alijja, njagala ŋŋende naye."

174 Ne mmugamba nti, "Teweeraliikirira. Ekyo kikakafu. Ddala." Kati, omusajja yajja, n'abatizibwa, o, n'ajja n'afuna okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu na buli kimu, era kati muweereza wa Kristo omulungi ennyo.

175 Kati ŋŋenda kusaba buli omu, yeewombeekere ddala, mutunule erudda eno musabe.

176 Kati bayigiriza bameka wano abamanyi nti Ye Kabona Omukulu, mu kaseera kano kennyini, asobola okukwatibwako n'embeera y'obunafu bwaffe? Weewaawo, bw'Aba y'omu jjo, leero, n'emirembe gyonna, era nga ye Kabona Omukulu y'omu, Ajja kweyisa mu ngeri y'emu. Kimu kyokka, Ye, omubiri

Gwe gwo guli ku . . . ku Ntebe ya Katonda ey'Obwakabaka. Ekyo bameka abakimanyi? ["Amiina."] Omubiri gwa Yesu guli ku Ntebe ya Katonda ey'obwakabaka. Naye Akozesa omubiri gwaffe Asobole okweyolekera mu ggwo, era nga bwe Yasuubiza okukola. "Emirimu gye Nkola nammwe muligikola."

Ŋŋenda kubasaba mutuule mukkalire, mwewombeeke, mwetegereze, musabe.

177 Kaakano, Kitaffe ow'omu Ggulu, ngezezzaako okukikwata n'obuwombeefu ddala, nga bwe mmanyi. Kaakano ekigambo kimu kyokka ekiva gy'Oli mu kaseera kano, ayi Mukama, era leka Eddoboozi eryo ettono, erikkakkamu likke liyite mu kibiina kino nga ligamba nti, "Nze Nzuuno; temutya." Kituwe, Kitaffe. Era nneewaayo gy'Oli, wamu n'Obubaka obubuuliddwa akawungeezi kano, wamu n'Ekigambo Kyo bikakasibwe. Tekikwetaagisa kukikola. Naye bw'Onaakikola, manya Okikola, kubanga Wasuubiza okukikola. Kino nsaba Okikole, mu Linnya lya Yesu. Amiina.

178 Kati buli omu weewombeeke, weewombeekere ddala. Oli otya? Kati nja kubawa Ekyawandiikibwa nga bwe tugenda mu maaso. Mukama bw'anaakiwa, ssimanyi. Naye oku- . . . Kati bwentyo bwe mbadde mbuulira, mulaba, ago mafuta ga ngeri ndala. Ne gano mafuta ga ngeri ndala. Wali mbadde mpeebwa omukisa. Naye kino, kyo kintu kirala nnyo, kikukamulamu obulamu.

179 Kati omukyala ono ayimiridde wano. Ssimulabangako mu bulamu bwange. Tetumanyiganye? Nzikiriza wagambye, akaseera akayise, nti ssikumanyi. Katonda akumanyi. Nange ammanyi. Okimanyi nti wano we tuyimiridde mu kaseera kano, tulikyaanukulira ku Lunaku lw'Omusango? [Mwannyinaffe addamu nti, "Amiina."—Omuk.] Okimanyi ekyo? Okimanyi nti kye tukola mu kaseera kano, tulikyanukulira eri Katonda waggulu eri? Ekyo waliwo ensonga lwaki nkyogedde. Kati, Mukama Yesu bw'anambikkulira ky'okola, ekiri mu birowoozo byo, oba ekintu eky'engeri eyo, onaakikkiriza? Ojja kukikkiriza, si bwe kiri? ["Amiina."]

180 Munaakikkiriza, mmwe abali eyo mu kibiina?

181 Kati tuyimiridde ddala nga omukazi oli eyali ku luzzi, ne Mukama waffe, omusajja n'omukazi nga basisinkanye omulundi ogusookedde ddala. Mukiraba? Tuutuno, nga tusisinkanye oku . . . Ekyo kiri mu njiri y'Omutukuvu Yokaana essuula ey'oku 4. Kati ssinga Omwoyo Omutukuvu agamba nti . . . Oyinza okuba oli wano ku lwa muntu mulala, oba oli mulwadde, oba kizibu kya mu maka, oba kizibu kya bya nfuna, kyonna kye kiri, nze simanyi. Naye Ye amanyi. Naye Asobola okumanya ebirowoozo ebiri mu mutima gwo. Ye ye Kigambo. Nze ssisobola. Ndi muntu. Weeraliikiridde, era eyo y'ensonga enkoza kino, olaba.

182 Ekyo kye kimu ku bikutawaanya, kweraliikirira. Ekyo kituufu. Ekirala olina obulwadde bwa sukaali, ekyo ky'ekintu ekirala ekikutawaanya. Bwe kiri. Obuzibu obw'enjawulo, waliwo ebintu ebirala bingi ebikutawaanya. Kituufu ekyo? Bwe kiba nga kituufu, yimusa omukono gwo. Olaba? Okkiriza nti Anaakuwonya? [Mwannyinaffe addamu nti, "Nzikiriza."—Omuk.] Okkiriza? Kati, okweraliikirira kwo kuva ku myaka gyo olaba, naye kati ebyo byonna bigenda kukuvaako. Era nzikiriza nti olw'okukkiriza tugenda kugenda e Kalivaaliyo, oweebwe Omusaayi omulala.

183 Kati, ky'ekyo kyennyini kye Yakola. Yagamba omukazi eyali ku luzzi obuzibu bwe. Oli obuzibu bwe kwali kubeera na baami bangi. Ggwe obubwo bubadde kiki . . . Ndowooza kweraliikirira, n'ebintu ebirala nga bibiri oba bisatu ebikutawaanya. Bwe kiri, si bwe kiri? Ekyo kye kintu kye kimu.

184 Kati, bwe Yajja eri Simooni, Yamugamba erinnya lye. Okkiriza nti Katonda asobola okumbuulira erinnya lyo? Kinaakuleetera okweyongera okukkiriza? Kinaakikola? Muky. Strong . . . [Mwannyinaffe addamu nti, "Stout."—Omuk.] Stout, onakkiriza? Genda nga okkiriza ojja . . . Byonna bikomye. Amiina.

185 Jangu. Okkiriza? Naawe tetumanyiganye. Ssikumanyi. Katonda akumanyi. Okkiriza nti Asobola okumbikkulira ekikutawaanya? Era bw'Anaakikola, Mukama Katonda anaaweebwa omukisa. Ekyo kituufu? [Mwannyinaffe addamu nti, "Weewaawo, kituufu."—Omuk.] Kati te—teweraliikirira, olaba, ekyo—ekyo ye Ye, ekyo ky'owulira. Kale. Naawe otawaanyizibwa mu birowoozo, otawaanyizibwa mu birowoozo, era weeraliikirira nnyo. Era otawaanyizibwa akawago, ekibumba kyo kiriko ekikyamu, era tolina musaayi gumala. Ekyo kituufu. Olina ekintu . . .

186 Waliwo omwami alabika wano gwe ndaba. Okkiriza nti Katonda asobola okukuwonya? [Mwannyinaffe addamu nti, "Weewaawo, nzikiriza."—Omuk.] N'awonya ne balo, naye, n'aba bulungi? Olowooza obulwadde obumuluma mu lubuto bunaavaawo, n'aba bulungi? Ekyo kye kimutawaanya. Genda omuteekeko emikono, okimugambe, bujja—bujja kumuvaako.

187 Nze naawe tetumanyiganye. Naye Mukama waffe Yesu ffembi atumanyi, Tatumanyi? Okkiriza nti Katonda asobola okukuwonya? Mukama waffe Yesu ssinga ambikkulira ekintu eki . . . ky'o . . . ekiri mu mutima gwo, okkiriza nti Anaakuwonya? Waliwo ekibaddenga kikutawaanya. O—o—otawaanyizibwa akawago, kye kisooka. Ate ekirala, akawago ko kikaviiriddeko okufuna amabwa, naye omusawo wo ekyo kye yayogera. Kati, ekirala kiri nti, akawago ako baagala kukalongoosa. Ekyo ddala kituufu. Ssi kituufu? Kati okkiriza nti ekyo Asobola okukuyamba obutakiyitamu? Olowooza okukkiriza kwo kuli

mu Ye? Kati okimanyi nti ekyo si nze akikola. Okkiriza? Kale. Genda, era nga bw'okkirizza, leka kibeere bwe kityo gy'oli.

188 Ffembi tetumanyiganye, ndowooza. Naye Mukama Katonda ffembi atumanyi. Okkiriza nti asobola okumbikkulira ebintu ebisobola okukuyamba? [Mwannyinaffe addamu nti, "Weewaawo, mmanyi."—Omuk.] Ggwe, okkiriza nti Anaakikola. ["Weewaawo nzikiriza."] Kye ŋŋamba kiri nti . . . "Weewaawo nzikiriza," ekyo kirungi nnyo. Ekyo kirungi nnyo ddala. Kati olina ebintu bingi ebikutawaanya, obuzibu bungi nnyo obw'enjawulo n'ebintu ebirala, n'engeri y'ekifuba, ekyakulemerako. Era weraliikirira nnyo. Era—era ekyo, kituufu.

189 N'ekirala, olina omugugu ku mutima gwo, era omugugu ogwo ogulina ku lwa muntu mulala, nga ye mutabani wo. Era a—tawanyizibwa, alina obuzibu n'amaka ge. Ye ne mukyala we, buli kiseera babeera bayomba . . . ? . . . Era ekyo kikutaddeko omugugu ku mutima. Ekyo kituufu. Kaakano kkiriza n'omutima gwo gwonna, era byonna bijja kugenda biveewo. Ggwe kkiriza kaakano. Mukama akuwe omukisa.

190 Oli otya, ssebo? Ssikumanyi, era—naawe tommanyi. Era ki—kitandise . . . Okwolesebwa kati, ndaba, ekizimbe kyonna kiringa ekigenda kijjula ekitangaala, nga kiringa ekigenda kyetooloola. Okiraba? Naye okkiriza nti Mukama waffe Yesu asobola okumbikkulira ensonga ekuyimirizza wano? Okkiriza nti Asobola? Ekyo, nange nkikkiriza. Njogera naawe, kusobola kugezaako kukwatagana na mwoyo wo, y'ensonga yennyini lwaki njogera naawe. Olaba, nze sikumanyi, kale wateekeddwa okubaawo ekintu ekirala ekitali nze okuba nti kye kikikola. Nnina okwawukanira ddala n'okutegeera kwange, Ye Kennyini abeere nga y'akikola. Okitegeera?

191 Kati, ekisooka, otawaanyizibwa embeera embi ennyo ey'okweraliikirira, era okweraliikirira kuno kubaddewo okumala akaseera. Ekyo kituufu. Era okweraliikirira okwo kwakuviraako okulwala obulwadde bwa ppuleesa, nabwo. Era wafuna n'okusannyalala. Ky'ekyo. Ate, olabika wali mubuulizi wa njiri, oba nga oli mubuulizi wa njiri. Kati oli mubuulizi wa njiri; nkulaba nga oyimiridde ku kituuti. Kati, beera n'okukkiriza mu Katonda, okweraliikirira okwo kujja kukuvaako. Abaweereza bonna babeera nakwo. Ojja kuba bulungi. Ddayo mu kituuti kyo, ogondere Katonda era obeere mwesigwa eri Ekigambo ekyo, Yesu Kristo.

192 Okkiriza nti okulumizibwa kwo kw'obadde nakwo okw'omu mugongo, kwakuvuddeko nga otudde mu katebe? Okikkiriza? [Mwannyinaffe addamu nti, "Weewaawo."—Omuk.] Kale, ssebo, kati weeyongere bweyongezi mu maaso, nga bw'ogamba nti, "Weebale, Mukama."

193 Jangu, nnyabo. Oli otya? Onzikiriza okuba omuweereza We? [Mwannyinaffe addamu nti, "Weewaawo nkukkiriza."—Omuk.]

Kale. Okkiriza nti obuzibu bw'ekikyala obwo, obw'abakazi, nti bugenda kukuvaako? ["Amiina."] Okkiriza? Kale genda mu maaso, ogambe nti, "Weebale, Mukama."

194 Otawanyizibwa ensigo, otawanyizibwa omugongo, mu mugongo gwo. Okkiriza nti Katonda anaakuwonya n'owonyezebwa, okuva mu bulwadde obwo? Okkiriza nti Anaakuwonya? Kale, genda mu maaso . . .?. . .

195 Jangu, nnyabo. Ssikumanyi. Ssinga ssoogera kintu kyonna gy'oli, n'akamu, onakkiriza nti Okubeerawo kwa Katonda kuli wano okuwonya abalwadde? [Mwannyinaffe addamu nti, "Mazima ddala, nkikkiriza."—Omuk.] Onaakikkiriza? Kale, bw'oba okikkiriza, olubuto lwo olukutawaanya . . . Mmaze okukikugamba, olaba. Ki—kigenze. Nkugambye, olaba.

196 Oli otya, ssebo? Katonda abeera mu mutima. Naye ennaku zino omutima tegubadde mu mbeera nnungi, n'akatono. Okkiriza nti Anaagutereeza? Genda makubo go okikkirize. Katonda akuwe omukisa. Bw'okkiriza; Ajja kugutereeza.

197 Weeraliikirirdde, kubanga otawaanyizibwa mu lubuto, olina amabwa mu lubuto. Gakutawaanya buli lw'omala okulya. Okkiriza nti kati gonna gaweddewo? Genda wefunire eky'okulya olye.

198 Kikukaluubirira okusituka, omugongo gukutawaanyirizza ebbanga ddene. [Omulwadde addamu nti, "Yee, ssebo."—Omuk.] Tegujja kuddamu kukutawaanya, bw'onakikkiriza. Onaakikkiriza? ["Yee, ssebo."] Kale, genda mu maaso, era leka Mukama Yesu akuwonyeze ddala.

199 Kiki ekikweraliikiriza? Genda, nga ogamba nti, "Sigenda kuddamu kweraliikirira," era tojja kuddamu. Genda nga okkiriza. Kale, ssebo.

200 Jangu, nnyabo. Kati, omukazi Omuwesiyopya, n'omusajja omuzungu, ekintu kye kimu kyennyini nga omukazi oli bwe yamusisinkana mu biro biri, Yesu. Baalina okusososola mu langi nga kwe baalina wano mu Bukiikaddyo, naye kati tetukyakulina. Yesu yabayamba ne bategeera nti abantu bonna ba Katonda. Tewaali njawulo yonna, olaba, oba omukazi yali Muyudaaya oba Musamaliya.

201 Kati, ssinga Katonda takuyamba, mu bwangu ddala okulumizibwa kw'ennyingo okwo kujja kukugongobaza. Naye okkiriza nti Agenda kukuyamba, owonyezebwe? Kati nga omukazi oli, naawe genda makubo go ogambe abantu bo ebintu ebikulu Katonda by'akukoledde. Kale.

Kati, waliwo omusawo alongoosa eyeetegese okukwata akambe.

202 Mulindeeko katono. Tabadde mukazi ono. Kati, musooke mulindeko, buli omu weewombeeke. A—abadde Ssetaani, y'agezaako okubaako ne ky'akola. Kiikino. Kizimba, kizimba,

mwembiriri. Bwe kiri. Olina ekizimba, n'omukazi ono naye alina ekizimba, era emizimu egyo gyombi buli gumu gulaajanira gunnaagwo okugudduukirira. Naye n'Omwoyo Omutukuvu, naye ayogerera waggulu. Ani gw'ogenda okukkiriza? Kale. Situka ove ku katanda ako, nnyabo. Situka ku katanda ako. Kaveeko, okkirize. Genda, nga omukkiriza kaakano. Amiina.

203 Mukkiriza? Ebintu byonna biyinzika. Mukkiriza? Ate mmwe abali eyo mu kibiina?

204 Leka tuyimirire ku bigere byaffe mu kaseera kano kennyini. Kano ke kaseera kennyini okukikola. Leka buli muntu... Katonda abawe omukisa. Buli muntu yimirira ku bigere byo mu kaseera kano kennyini. Tendereza Katonda. Yimusa emikono gyo.

205 Weebale, Mukama Yesu! Tukutendereza olw'obukulu Bwo, n'olw'okuwonya abalwadde.

Obujulizi Ku Nnyanja LUG64-0307
(A Testimony On The Sea)

Obubaka buno obwabuulirwa Ow'oluganda William Marrion Branham, bwabuulirwa mu Lungereza ku Lwamukaaga akawungeezi, nga 7 Maaci, 1964, mu Soul's Harbor Temple e Dallas, Texas, mu Amerika, buggyiddwa ku lutambi olwa kkaseti ne bukubibwa mu Lungereza nga tebukyusiddwamu. Buno obuvvuunuddwa mu Luganda bwakubibwa era ne busaasaanyizibwa aba Voice Of God Recordings.

LUGANDA

©2022 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

Voice Of God Recordings
P.O. Box 950, Jeffersonville, Indiana 47131 U.S.A.
www.branham.org

Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org